# Amagezi g’okukulaakulanya bizinensi z’abalimi b’ensigo abali ku mutindo omutonotono

Akatabo ak’okubiri

**Obutabo obuyamba abalimi b’ensigo abali ku mutindo omutonotono**

Obutabo buno bwagunjibwawo ekitongole ky’ebyobulimi ekya International Center for Tropical Agriculture (CIAT)

**Kyawandiikibwa era ne kitereezebwa**
Soniia David ne Beth Oliver

**Ebifaananyi bya**
Daudi Ibanda

**Kyakyusibwa**
Sseggiriinya C. Paul
256 -77- 892704

**Kikubiddwa**
Swift Print Ltd
256-41-566650

Ekitongole kya CIAT kikubiriza ebibiina n'ebitongole okukyusa, okwokesaamu n'okweyambisa akatabo kano. Amawulire agakwatagana n'okukyusa, okwokesaamu n'okweyambisa akatabo kano gaweereze ku

CIAT
P.O. Box 6247, Kampala, Uganda
Fax: 256-41 567635
Email: ciatuga@imul.com

Kkopi z'akatabo kano akanyonnyoddwa obulungi zisobola okufunika okuva ku ndagiriro y'emu.

Ebifaananyi okuva waggulu ku ddyo: Berga Lemaga, Reuben Otsyula, Berga Lamaga, Roger Kirkby.

Amagezi agaweereddwa mu katabo kano gavudde mu:
Amagezi g'okukulaakulanya bizinensi z'abalimi b'ensigo abali ku mutindo omutonotono: Obutabo obuyamba abalimi b'ensigo abali kumutindo omutonotono. Akatabo ak'okubiri ekya; Soniia David ne Beth Oliver. 2002. Kaweefube w'okunoonyereza ku bijanjaalo mu Africa. Obutabo obukubibwa ekitongole kya CIAT nnamba 36. Kampala, Uganda.

# EBIRIMU


Omuko

Okwebaza........................................................ iv

Ennyanjula y'obutabo ........................................ v

Essuula 1: Lwaki otandikawo bizinensi y'ensigo?......... 1

Essuula 2: Okusalawo okutandikawo bizinensi y'ensigo.........4

Bizinensi y'ensigo yeetagibwa mu kitundu kino? .............6

Nsobola okulima ensigo eziri ku mulembe.........15

Nze muntu omutuufu okuddukanya obulungi bizinensi y'ensigo..........17

Biki bye neetaaga okutandikawo bizinensi y'ensigo entutumufu?..........23

Ntandike bizinensi y'ensigo?........................35

Essuula 3: Okutetenkanya/okupulaaninga bizinensi.......36

Okutegeka pulaani ya bizinensi..................37

Okutegeka pulaani y'ebikozesebwa n'essente ezinaava mu by'otunze.......39

Okutegeka pulaani y'ennyingiza n'enfuluma ya ssente..........41

Okubalirira ssente eziri mu bizinensi ...........45

Essuula 4: Okukuuma ebitabo olwokutumbula bizinensi yo.....48

Ebitabo bya sizoni....................................49

Okubalirira ebitundibwa ............................53

Essuula 5: Okumanya akatale...................................55

Okumanya bakasitoma bo..........................56

Okukwatamu bakasitoma...........................56

Okukolagana n'abalimi b'ensigo abalala........58

Okugaziya akatale k'ensigo.......................59

Ensiba/ensabika........................................61

Okusikiriza abaguzi.................................63

Entambula.............................................65

Essuula 6: Okugaziya n'okutegeka bizinensi yo...........66
Okukola ekibiina ky'abalimi b'ensigo............67
ESSUULA 7: Okuwumbawumba ..........................................73
Ebibuuzo ebinaabera mu kunoonyereza .............75
ku katale mu ngeri etali ya kikugu
Engeri y'okutereezaamu amawulire agafa................81
ku katale k'ekimera
Engeri y'okutereezaamu amawulire agafa..............82
ku bbeeyi y'ensigo
Engeri y'okutereezaamu amawulire agafa...............82
ku katale k'ebika by'ensigo ebiriwo
Engeri y'okutereezaamu amawulire agafa..............83
ku bika by'ensigo ebipya
Ebintu ebikozesebwa mu kulima ensigo................84
z'ebijanjaalo ne lumonde
Ekyokulabirako ekya pulaani ya bizinensi..............85

Olulimi lwa bizinensi...........................................................................89

# OKWEBAZA

Ssente eziyambye okufulumya akatabo kano zivudde mu bitongole bino: Canadian International Development Agency (CIDA), Swiss Agency for Development and Co-operation (SDC) ne United States Agency for International Development (USAID). Beth Oliver bwe yali ateekateeka akatabo kano mu 2001 February, yayambibwa nnyo aba ACDI/VOCA-Uganda.

Akatabo kano kaagezesebwa ku balimi b'omu Uganda. Buli muntu yenna eyayamba ku kino asiimiddwa nnyo. Muno mulimu ba mmemba ba Uganda National Seed Potato Producers Association (UNSPPA), Bungwanyi Farmers' Enterprise, Kolonyi Home and Family Child Care Group, Harriet Nanfuka of Mission: Moving Mountains ne John Kyooma owa Africare-Kabale, Rupert Best ne Colletah Chitsike baawa okuwabula kwa tendo ku katabo akasooka.

# OKWANJULA/ENNYANJULA Y'OBUTABO OBUYAMBA ABALIMI B'ENSIGO ABALI KU MUTINDO OMUTONOTONO

Akatabo kagendereddwamu okuyamba abalimi ku mutindo omutonotono, abantu abakola bizinensi, n'ebibiina/ebitongole ebiyamba abantu okugeza: Amasomero n'amasinzizo abaagala okulima n'okutunda ensigo ez'ebimera eby'enjawulo. Kiwandiikiddwa okuyamba abantu abatalina bumanyirivu na magezi ga kikugu mu kulima ensigo.
Oyinza okuyambibwako ebitongole by'obwannakyewa oba abalimisa b'ebitundu okwongera okutegeera obulungi ebintu ebimu ebiwandiikiddwako mu katabo kano.

Akatabo akalala ku butabo buno akayitibwa **"Producing bean Seed"** (**Okuzaaza ensigo yekijanjaalo**) kagendereddwa kuyamba balimi ba bijanjaalo bokka. Ebiwandiiko ebirimu amagezi ag'ekikugu mu kulima ebimera ebirala gayinza okufunibwa okuva mu bitongole ebirala.

Akatabo kano ak'amagezi g'okukulaakulanya bizinensi y'ensigo eri abalimi ku mutindo omutonotono, tekalina kimera kyonna ekimu kye keesigamiziddwaako. Tukozesa ekigambo "Nsigo" okutegeeza ekimera kyonna ekisobola okuddamu okusimbimwa, emmere y'ebisolo n'emiti.

## Okwetegereza olulimi lwa bizinensi:

Ng'olulimi lwa bizinensi olumu bwe lutalina bigambo byennyini mu luganda, ebigambo ebimu byongeddwamu okusobola okuggyayo amakulu gennyini oba birekeddwa mu luzungu naye nga biwandiikiddwa mu luganda.

# ESSUULA I: LWAKI OTANDIKA BIZINENSI Y'ENSIGO?

Ku bimera nga ebijanjaalo, ebinyoobwa, lumonde omuganda n'omuzungu, abalimi abasinga basimba nsigo oba ndokwa ezaaterekebwa okuva ku sizoni eyaggwa. Naye abalimi oluusi bagula ensigo okuva ku balimi abalala, mu butale oba mu maduuka oba baziweebwa ng'ebirabo. Abalimi banoonya ensigo okuva awalala olw'ensonga zino:

- ✓ Baba bafiriiddwa ezimu oba ensigo zonna olw'ekyeya, namutikkwa w'enkuba, endwadde, ebiwuka oba olw'entereka embi.
- ✓ Baba balidde oba batunze ensigo zaabwe zonna.
- ✓ Baba baagala kugaziya nnimiro naye nga tebalina nsigo zimala zakusimba mu bitundu ebipya.
- ✓ Nga baagala okugezesa ekika ekipya.

Ekigendererwa kya bizinensi y'ensigo kwe kulima ensigo ez'omulembe ez'okutunda era n'okufuna ssente mu mulimo guno.



**Ensigo zisobola okubeera bizinensi evaamu ssente**

Enkola ya bizinensi eno ekola bulungi ku bimera ebimu si ku byonna. Ekimera kiyinza okuba ekirungi okusimba okuggyamu bizinensi singa:-

- ✓ Abalimi baba sibamativu ku bungi ne ku mutindo gw'ensigo zaabwe oba ezo ezitundibwa mu butale ne mu maduuka.
- ✓ Abalimi bafuna ebbula ly'ensigo mu budde obw'okusimba.
- ✓ Abalimi baba baamanyiira okugula ensigo ezokusiga.
- ✓ Ekimera kirumbibwa endwadde munda oba okuva mu ttaka okugeza obuwuka obwonoona lumonde.
- ✓ Ensigo ezomulembe ziba zisobola okulimibwa abantu abatali bakugu.

Akatabo kano tekalina kimera oba bimera byekesigamiziddwaako. Okwongera okuttaanya obulungi akatabo kano, akatabo kawadde ebyokulabirako by'ebijanjaalo ne lumonde.

Abalimi b'ensigo z'ebijanjaalo, ku katabo kano bandisomeddeko akalala akayitibwa **"Producing bean Seed"**

Bizinensi y'ensigo eganyula nnyo ekitundu mu ngeri ssatu:

1. Ensigo eziri ku mutindo omulungi: Wadde nga abalimi baba bamativu n'omutindo gw'ensigo zaabwe, naye oluusi basanga ng'ensigo eziva mu butale, mu maduuka oba mu balimu abalala teziba ku mutindo ku bimera ng'ebijanjaalo n'ebirala ebyempeke, ensigo eyinza okuba nga yefunyizafunyiza (shriveled), ewumbye (mouldy) tekyalina langi, yaliibwa obuwuka oba nga mulimu n'ensigo ez'ebika ebirala. Endokwa za lumonde ziyinza okubeera nga zaaliibwa obuwuka.

2. Okubaawo kw'ensigo. Abalimi batera okubeera n'ebbula ly'ensigo naddala mu sizoni ey'okusiga. Okubeera n'ensigo nga zirimibwa mu kitundu kiyamba okumalawo obuzibu buno okusinga ensigo lwe zibeera nga zirimibwa wala nnyo.

3. Okufuna ebika by'ensigo ezembala. Abakola ogwokunoonyereza oluusi n'abalimi, bavumbula **ensigo ez'embala** ez'ebimera eby'enjawulo naye ne basanga obuzibu mu kuziweza okusobola okuzibunyisa abalimi abangi. Bizinensi y'ensigo esobola okukolaganira awamu n'abakola ku kunoonyereza oba abalimi abakola ogwokugezesa okusobola okwaza wamu n'okutunda ensigo zino ez'embala.

Okutandika bizinensi y'ensigo kikuyamba ggwe kennyini n'abalimi abalala abali mu kitundu kubanga ensigo ezembala zibala nnyo ekivaamu ensigo enyingi ez'okulya wamu n'okutunda. Okulima ensigo ezomulembe kijja kwetaagisaokulabirira okw'amaanyi, n'olwekyo kikwetaagisa okusooka okumanyira ddala ebikwatagana n'okulima ensigo okuva ku Bakugu abanoonyereza n'abalimisa b'ebitundu. Obutabo obuyamba okuyigiriza buyinza okubaawo oba okufunika ku bimera ebimu.

# ESSUULA 2: OKUSALAWO OKUKOLA BIZINENSI Y'ENSIGO


Nga tonnatandika bizinensi, sooka weekebere oba osobola okuddukanya bizinensi, n'ofulumya ensigo eziri ku mutindo mu bungi obwetaagibwa era ku muwendo omusaamusaamu. Olina okunoonyereza ennyo era n'okwebuuza ebibuuzo ggwe kennyini nga tonnasalawo kutandika bizinensi ya nsigo.



**Lowooza nnyo nga tonnasalawo kutandika bizinensi ya nsigo**

Ojja kuyita mu mitendera musanvu ng'osalawo okutandika bizinensi y'ensigo nga bwe kiragiddwa mu kifaananyi kino.

# Emitendera mu kutandika bizinensi y'ensigo



**Bizinensi y'ensigo yeetagibwa mu kitundu kino?**

- Laba oba waliwo obwetaavu bw'ensigo
- Laba bimera ki na bika ki ebisinga okwetaagibwa
- Weefumitirize ku bunene/obugazi bw'akatale akasuubirwa
- Kebera olabe oba waliwo abavuganya.

**Okunoonyereza ku katale** yemu ku nkola entuufu bannabizinensi gye beyambisa okufuna amawulire agabayamba okukola pulaani n'okutetenkanya bizinensi zaabwe. Ku balimi b'ensigo, okunoonyereza ku katale kibayamba okumanya bino:-

- ✓ Nsigo za bimera ki era bika ki abalimi bye beetaaga?
- ✓ Muwendo ki abalimi gwe beetegese okugulirako ensigo?
- ✓ Buli sizoni, bizinensi yeetagisa kufulumya nsigo zenkana wa?
- ✓ Buli mulimi ayinza kugula nsigo zenkana wa?
- ✓ Abalimi bayinza kwagala kugula wa ensigo?
- ✓ Baguzi ki abalala ng'oggyeeko abalimi, abayinza okugula ensigo?
- ✓ Mateeka ki agagobererwa mu kulima ensigo ku bimera ebimu?


Okunoonyereza ku katale kwandikoleddwa nga tonnatandika bizinensi ya nsigo era n'oluvannyuma lw'ebbanga lya myaka esatu oba ena okumanya enkyukakyuka eziba zizzeewo mu katale.

Enkola za mirundi ebiri ezinyonnyoddwa mu katabo kano ezikwata ku kunoonyereza ku katale:
Okusaka amawulire okuva mu kabinja k'abantu n'okutunuulira embeera y'engula y'ensigo mu butale (**informal surveys and**

**research by observation).** Informal survey, ye nkola y'okufuna amawulire okuva ku bantu abatono abakiikiridde ekibinja ekinene. Ate Research by observation y'enkola yokutunuulira embeera era n'osalawo okusinziira ku ekyo ky'olabye.

## Okunoonyereza amawulire okuva ku Bantu abatono (Informal survey)

Ng'onoonyereza ku katale k'ensigo, wandinoonyerezza amawulire okuva ku bantu ab'enjawulo oba ebibiina; abalimi, ebibiina by'abalimi, abantu abatunda ensigo (abasuubuzi, abatunzi b'amaduuka, Amaduuka agatunda/agagaba ebikozesebwa), Amasomero agalina ennimiro n'ebibiina ebyokwekulaakulanya nga ebibiina by'obwannakyewa (NGO's) ne pulojekiti (projects).



**Noonyereza ebikwatagana ku katale nga weeyambisa bakasitoma ab'enjawulo**

Kungaanya/noonya amawulire ag'enjawulo okuva mu buli nsonda nga weeyambisa amakubo agalambikiddwa wano:

## Amawulire agafa ku katale

| Ani gw'onoobuuza | Mawulire ki | Nkola/kkubo ki? |
|---|---|---|
| Abalimi, ebibiina by'abalimi | • Akatale k'ensigo/obwetaavu bw'ensigo<br>• Ebika by'ensigo bye beetaaga<br>• Ebika by'ensigo ezirimibwa<br>• Okwagala eri ebika ebipya<br>• Ebintu ebikulu ebikwata ku mutindo gw'ensigo<br>• Ebbeeyi kwe bagulira | Buuza abantu sekinnoomu |
| Abatunzi b'ensigo (Abasuubuzi, Ab'amaduuka, Abatunzi b'ebikozesebwa) | • Ebbeeyi y'ensigo ezitundibwa<br>• Ebika by'ensigo ebitundibwa<br>• Ekikula ky'ensigo ezitundibwa<br>• Obungi obutundibwa<br>• Ebizibu mu kutunda ensigo<br>• Ebbeeyi kwe bagulira<br>• Abeetaga okugula mu bungi<br>• Ekifo | Buuza abantu sekinnoomu ssaako ggwe kennyini okutunuulira embeera eriwo |
| Amasomero, Ebibiina by'obwannakyewa, projects | • Obwagazi mu kugula ensigo<br>• Ebbeeyi kwe bagulira<br>• Ekikula ky'ensigo<br>• Okwagala okugula mu bungi | Buuza abantu ssekinnoomu |
| Abalimisa, Abakugu abakola ku kunoonyereza | • Amateeka n'enkola ya gavumenti ku nsigo | Buuza abantu ssekinnoomu |

Salawo abantu bameka n'ebitongole bimeka by'onoobuuza. Bw'oba oluubirira akatale kanene, kijja kukwetaagisa nti obuuza abantu b'otamanyi osobole okufuna endowooza e'zenjawulo. Omuwendo guno gujja kukuyambako.

**Abalimi:** Buuza 20 buli kyalo. Londa amaka agagwa mu biti by'enfuna ebyawufu okugeza; Abagagga 5, Abagwa wakati 8 n'abaavu 7
**Abatunzi b'ensigo:** Wakati w'abataano n'omunaana (5-8)
**Abalimi b'ensigo:** Kino kisinziira ku bungi/nnamba y'abalimi abaliwo
**Amasomero:** Wakati w'asatu n'ataano (3-5)

**Ebibiina ebyokwekulaakulanya:** Kino kisinziira ku bungi bwabyo

Sooka owandiike olukalala lw'ebibuuzo by'onoobuza abantu. Kyalira buli muntu n'ebibiina by'olonzeewo okubuuza ebibuuzo. Bw'oba oyogera n'abalimi kyandibadde kirungi oyogere n'omuntu oyo mu maka avunaanyizibwa ku nsigo. Ebiseera ebisinga abeera mukyala. Buli kye bakugamba kiwandiike osobole okubitunuulira oluvannyuma bikuyambe ng'osalawo.


## Okunoonyereza ng'otunuulira embeera eriwo (research by observation)

Osobola okufuna amawulire amalala okutegeera obulungi akatale k'ensigo ng'otunuulira embeera eri mu kitundu ekyo. Tuuka/lambula obutale obuwerako n'amaduuka mu budde obwawufu mu mwaka, omanye/olabe b'ani abatunda ensigo, kika kya nsigo ki ekitundibwa, omutindo gw'ensigo omanye ddi abantu lwe bagula na bibuuzo ki bye babuuza abatunzi b'ensigo.

Olina okukunganya obulungi amawulire g'ozudde. Weeyambise enkola eragiddwa ku muko ogwe 81-83 okunganye bulungi amawulire agakwata ku katale k'ensigo, ebbeeyi y'ensigo, ebika ebisinga okwetaagibwa abalimi n'abasuubuzi n'obwetaavu bw'ebika by'ensigo eby'enjawulo.

## Okulonda ebimera n'ebika byabyo ebya bizinensi yo

Olina okusalawo ebimera n'ebika byabyo by'olina okulima okwo ssaako n'omuwendo gwabyo mu kiseera ekimu. Okusalawo kino olina kumala kunoonyereza mawulire agafa ku katale kabyo.



**Bizinensi y'ensigo ebeera nnungi ku bimera ebimu naye si ku byonna**


Okulima ensigo ez'ebimera ebisukka mu kimu kulina emigaso ntoko:

- ✓ Singa akatale k'ensigo z'ekimera ekimu kagwa, ng'otunda ensigo z'ekimera ekirala.
- ✓ Ogenda mu maaso n'okufuna ssente okuva mu nsigo bw'oba olima ekimera ate oluddako n'osimbawo kirala (Practising crop rotation).
- ✓ Obeera n'ebika ebisukka mu kimu ekintu ekiyinza okukuyamba okwongera ku magoba go ne kikendeeza ne ku mitawaana egiva ku bizibu bya sizoni.

Obuzibu obuli mu kulima ekimera ekisukka mu kimu guli gumu gwokka gwe gw'okukola ennyo era nga kikwetaagisa ebikozesebwa bingi n'obumanyirivu.

Okuddukanya obulungi bizinensi yo, kirungi okwesiba ku kimera kimu oba bibiri buli lw'olima. Bw'oba osazeewo okulima ebimera bibiri, laba nti osimba/olima ebyo by'osobola okuzza awakunguddwa ekirala olw'okukekkereza w'olimira. Okugeza ebijanjaalo ne lumonde bisobolwa okusimbibwa awamu. Osobola okusalawo okulima ebimera byombi buli sizoni oba kimu kimu buli sizoni.

Ekika ky'ensigo ky'olonda okulima kirina kinene nnyo kye kikola ku kutumbula bizinensi yo.



**Londa ebika by'ensigo n'obwegendereza kikuyambe okutumbula bizinensi yo**

Lima ekika ky'ensigo ekinaatunda amangu. Ebika by'ensigo ebya buli kimera byawulwamu emitendera esatu:

1. Ebika by'ensigo **ezirimibwa bulijjo mu kitundu**: Bino bye bika ebirimiddwa abalimi abangi okumala emyaka egiwera.
2. Ebika ebirimibwa ebbalirirwe mu kitundu: Bino bye bika abalimi bye balima olw'ensonga emu oba endala nga naye kati birimibwa abalimi batono/ba lubatu: Ebimera ebyo bitera okuba ebyebbula olw'ebbula ly'ensigo.
3. Ebika ebirongooseemu: Bino bye bika eby'embala ebivumbulwa abakugu mu kunoonyereza ssaako n'abalimi nga bisobola okugumira endwadde n'ebiwuka. Ebika bino ebirongooseemu bingi bifaananira ddala ebika byaffe ebyabulijjo.

Nga tonnasalawo ku kika kya nsigo kwebyo ebisatu ky'onoolima okwaza, wekkaanye ebirungi n'ebibi ebya buli kika nga bwe birambikiddwa wammanga: -


## Ebika by’ensigo eby’okulima

| Ekika | Ebirungi | Ebibi/ebizibu |
|---|---|---|
| Ebika ebyabulijjo | • Abalimi babimanyi<br>• Ekikula kyabyo abalimi bakyagala | • Abalimi bayinza obutayagala kubigula kubanga mu maduuka gye biri, ne mu butale ssaako ne mu balimi abalala<br>• Byala kitono<br>• Bibala kitono ate oluusi nga tebigumira ndwadde na biwuka |
| Ebika ebyabulijjo ebitatera kulimibwa | • Abalimi bayinza okubigulira ku bbeeyi ennene olw’okuba eby’ebbula | • Byala kitono<br>• Bibala kitono ate oluusi nga tebigumira ndwadde na biwuka |
| | • Ekikula kyabyo abalimi bakyagala | • Akatale kayinza okuba akatono |
| Ebika ebirongooseemu | • Bibala nnyo ate bigumira endwadde n’ebiwuka<br>• Abalimi bayinza okubigulira ku bbeeyi ennene | • Abalimi bayinza okuba nga tebamanyidde bika bya nsigo bipya<br>• Biyinza okuba n’ekikula ekitayagalwa balimi |

Eddaala eriddako kwe kusalawo bimera oba bika bya nsigo ki ez’okulima. Oyinza obutakutula ddaala lino singa oba olowooza kulima bika bipya ate by’otannafuna. Nga tonnasalawo kisemba, kirungi okusooka okumanya ebbeeyi egulibwako ebika eby’enjawulo. Enkola y’okulondoola amawulire agafa ku bbeeyi y’ensigo eragiddwa ku muko gwe 82-83.

## Okusalawo ku bunene/bugazi bwa buzinensi yo

Ng'onoonyereza ebifa ku katale, kirungi okumanya katale ki bizinensi yo k'etunuulira oba k'eruubirira. Ensigo ogenda kuziguza balimi ba ku kyalo kyo n'abokubyalo ebikuliraanye, balimi ba mu bitundu ebiwerako, disitulikiti yonna oba kitundu ekineneko?



**Bizinensi y'ensigo esobola okuluubirira obutale obwawufu**

Akatale k'oluubirira kya tteeka kajja kusinziira ku bunene bwa bizinensi yo n'ebikozesebwa by'olina okugeza (ettaka/ekifo ky'olimirako, abakozi, ssente, obudde) n'ebirala.

**Nsobola okulima ensigo eziri ku mutindo?**

- Salawo mutindo gwa nsigo ki z'onoolima
- Lowoolereza ku byuma n'ekubintu ebirala ebikozesebwa ku bizinensi y'ensigo

## Okusalawo ku mutindo gw'ensigo ez'okulima

Ensigo zaawulwamu emitendera okulaga enjawulo eriwo ku bika ebyawufu. Ku bimera ng'ebijanjaalo, obulungi bupimirwa ku mmera y'ensigo, obuyonjo (purity) n'okuba ng'ekika tekirina ndwadde oba buwuka. Obulungi bwa lumonde bupimirwa ku bunene bw'omummonde nga milimita (mm) 35 n'omuwendo gw'amaaso agameze (green sprouts) 4 oba n'okusingawo.

Ebiseera ebisinga zigavumenti zikkiririza mu bika by'ensigo 3 ebiyinza okuguzibwa abalimi.

1. **Ensigo ezaakakasibwa (certified seeds)**: Zino ze nsigo ezirimibwa abalimi abaawufu okugeza abakugu mu kunoonyereza ne projects ezitundibwa. Ennimiro z'ensigo ezaakakasibwa ziteekwa okulambulwa abakugu mu by'ensigo okukakasa nti zituukana n'omutindo gavumenti gwe yeetaaga.


2. **Ensigo ennongooseemu (Improved seeds):** (Zino oluusi ziyitibwa ensigo ez'omulembe oba ez'amaguzi). Zino ze nsigo eziddirira ezo ezaakakasibwa ezisobola okulimibwa abalimi naye nga ziriko endabirira ey'amaanyi.

3. **Ensigo z'abalimi (Farmers' seeds)**: Zino ze nsigo ezirimibwa abalimi mu ngeri yaabwe eyabulijjo nga teziriiko ndabirira ya nkizo oba njawufu.

Ekika kya bizinensi y'ensigo ekinyonnyolwa mu katabo kano ky'ekyo eky'okulima ensigo ennongooseemu. Kijja kukwetaagisa okumala okufuna amagezi okuva ku mulimisa w'ekitundu singa onooba oyagadde okulima ensigo ezaakakasibwa ekitongole ky'ebyobulimi.

## Ebyuma n'ebintu ebiralala ebikozesebwa ku bizinensi y'ensigo

Okufuna/okulima ensigo eziri ku mutindo kiyinza okwetaagisa ebyuma n'ebikozesebwa abalimi oluusi bye batatera kukozesa.



**Okulima ensigo kyetaagisa ebikozesebwa eby'enjawulo**

Laba omuko ogwa 84 okuli olukalala lw'ebyetaagibwa mu kulima ebijanjaalo ne lumonde. Oyinza okutandika bizinensi yo n'ebikozesebwa ebitonotono n'ogenda ng'ofuna ebirala mpolampola nga bizinensi yo egenda egaziwa.

**Nze muntu omutuufu okuddukanya bizinensi y'ensigo obulungi?**

- Osobola okuddukanya obulungi bizinensi y'ensigo?
- Olina obukodyo obumala ku bizinensi y'ensigo?
- Onoolimira mu kibiina oba nga ssekinnoomu?

Abantu abamu basinga ku balala okuddukanya bizinensi. Kirungi era okumanya nti bizinensi ezimu nzibu okuddukanya okusinga ku ndala era nga kiyinza okwetaagisa obukodyo bwa bizinensi obwekikugu. Bizinensi y'ensigo nzibuzibu eyeetaagisa obukodyo bwa bizinensi obwekikugu olw'ensonga zino:

✓ Akatale si kalubeerera (kakyukakyuka buli kiseera).
✓ Wayinza okubaawo okuvuganya n'ensigo z'abalimi.
✓ Kizibu okumanya oba okuteebereza engula/enneyisa ya bakasitoma.
✓ Embeera y'obudde eyinza okwonooneka.

Weetaaga obukodyo bwa mirundi 8 okusobola okuddukanya obulungi bizinensi y'ensigo. Obukodyo obw'emirundi 3 egisooka buva ku ggwe ng'omuntu okuva ku bumanyirivu bw'olina ne ku mbeera zo ggwe kennyini. Obukodyo buno obusatu tebujja kusomesebwa mu katabo kano!

1. **Obumanyirivu mu kulima:** Bw'oba tolina bumanyirivu na magezi ga kulima, tojja kulima kimera kirungi oba okusalawo ku ngeri y'okulima ekimera ekyo

2. **Okwagala okututumuka:** Bizinensi bw'etandika, wabaawo okusanyukirira kungi. Okwesunga kw'okututumuka kuba kwa maanyi era oba n'obuwagizi bungi. Ebika by'ensigo ebipya n'engeri y'okulimamu ensigo kikuwa essanyu mu mutima. Mu maaso wayinza okubaawo ebizibu okugeza ekyeya, nnamutikkwa w'enkuba, bakasitoma tebagula nsigo nnyingi, ow'oluganda ayinza okulwala era nga yeetaaga ssente z'eddwaliro, era n'otandika okwebuuza oba okutandika bizinensi kwe kwali okusalawo okutuufu. Bw'oba olina obumalirivu mu kuwangula, ojja kukimanya nti ebizibu bibaawo naye biwangulwa. Okukkiriza kweweyinamu kwe kujja okukuyamba okuwangula

3. **Okwanganga ebizibu:** Okutandika bizinensi si kintu kyangu, era abantu bangi si beetegefu okwanganga ebizibu. Ku bantu abamu okwanganga ebizibu ne ku buntu obutono kibeera kizibu ddala. Abantu ng'abo basalawo okubeera ku ekyo kye bamanyidde ddala okusinga okugeza ku kipya. Abantu abamu beetegefu okuyingirira obuzibu obutonotono naye nga bamaze ku kirowoozaako nnyo era nga balaba basobola okwanganga obuzibu kisobola okukendeezebwako singa omanyi bizinensi yo bulungi, ng'omanyi akatale akokutundamu wamu n'okumanya abo

abakuvuganya mu bizinensi. Wabula ebizibu ebimu nga enkyukakyuka y'embeera y'obudde, enkola ya gavumenti, enkyukakyuka mu baguzi, obulwadde, ebiwuka n'obubbi biri waggulu w'okulamula kwo.

Obukodyo buno busobola okusomesebwa era n'okuyigibwa. Wano bumenyeddwa mu bufunze naye bujja kulambululwa mu maaso eyo mu katabo kano.

4. **Okunoonyereza ku katale:** Kijja kukwetaagisa okumanya bimera ki, bika ki era bika bya nsigo ki abalimi bye beetaaga era beetegefu kubigulira ku ssente mmeka?

5. **Amagezi g'ebyensimbi:** Olina okumanya obudde bwonna ne bw'oba tonnatandika bizinensi oba bizinensi y'ensigo yo evaamu amagoba. Era olina okumanya emisoso gyonna ku bizinensi yo n'amagoba g'osuubira okufunamu

6. **Okutegeera bizinensi:** Kijja kukwetaagisa okumanya buli kalonda wa bizinensi yo awamu n'okugiddukanya

7. **Okutegeera ebyokutunda:** Oteekwa okumanya okumatiza bakasitoma bo/abaguzi lwaki bandiguze ensigo zo so si ez'abalala

8. **Empeereza ennungi:** Olina okumanya enkwatamu y'abaguzi.


## Okulima mu ngeri ya ssekinnoomu oba ng'ekibiina

Bizinensi y'ensigo esobola okuddukanyizibwa omuntu ssekinnoomu oba ekibiina. Ebirungi n'ebibi ebiri mu nkola zino zombi birambikiddwa wammanga.

## Okuddukanya bizinensi y'ensigo ku nkola ya ssekinnoomu

**Ebirungi ebikirimu:**

✓ Nannyini bizinensi asobola okusalawo yekka awatali kumala kwebuuza ku muntu mulala yenna.
✓ Ssente zonna ezivaamu ziba zize yekka.
✓ Osobola okugezesa ebirowoozo ebipya, enkola empya n'obukodyo bw'okutunda obupya nga tolina gwe weebuuzizzaako.
✓ Tewali buzibu obwo butesigangana oba obutategeragana bw'oba nga bizinesi yiyo weka.



**Lowooza oba osobola okuddukanya bizinensi y'ensigo wekkawekka**

**Ebibi ebikirimu:**

✓ Obuzibu bwa ssente bwonna bubeera ku ggwe omu
✓ Osobola okuyambibwako abantu abalala okusalawo ku kiki ky'onookola naye kibeera kikalubo nnyo era kitwala obudde bungi eri omuntu omu.
✓ Abantu abamu bayinza okuwulira ekiwubaalo nga bali bokka okusinga lwe babeera mu kibiina.
✓ Okwanganga obuzibu kwonna, ebyuma n'ebintu ebirala byonna ebikozesebwa bibeera ku ggwe wekka.

**Okuddukanya bizinensi y'ensigo ng'ekibiina**

**Ebirungi ebikirimu:**

✓ Ssente ezikozesebwa ku ntambula, mu kutunda ne mu kutambuza ebigimusa n'ensigo zigabanibwamu.
✓ Okugula ebikozesebwa okugeza ebigimusa, eddagala ly'ebiwuka n'eddagala eriteekebwa mu nsigo kukendeera.
✓ Ebibiina oluusi byanguyirwa okwewola ku nkola ennyangu.
✓ Abantu bangi abakolera awamu basobola okukungula ekiwerako era kiyinza okubafunisa ssente ezeeyamba. Bwe mulima ensigo eziwera, musobola okufuna ssente eziterekebwa eziwera eziyinza okweyambisibwa okugaziya bizinensi oba okukola ku bintu ebirala.
✓ Abantu bayiga okukolera awamu, okutunuulira ebizibu awamu, n'okukuba pulaani z'ebiseera ebijjja nga bali wamu.
✓ Abakyala bayinza okwanguyirwa ennyo okufuna ettaka n'ebintu ebirala bwe babeera mu kibiina.



**Kirowoozeeko oba kikwetaagisa okuddukanya bizinensi y'ensigo ng'ekibiina**

## Obuzibu obukirimu:

✓ Wayinza okubaawo okukuubagana mu ba mmemba olw'ensonga eziwerako.

✓ Ebiseera ebimu ebibiina byesigama nnyo ku buyambi bwa ssente obuva ebweru okusinga mu bo bennyini.

✓ Obukulembeze bw'ekibiina bwe buba obunafu, ekibiina kiyinza obutatuuka ku biruubirirwa byakyo era ne ba mmemba bakyo bajja kukyabulira.

✓ Enkuuma y'ebitabo enkyamu eyinza okuleetawo akacankalano mu kibiina naddala ku nfulumya ya ssente, okutunda n'ebitundibwa.

✓ Singa buli kimu kisalibwawo ba mmemba abatono, bammemba abalala basigala sibamativu kubanga tebalina mukisa kuwaayo birowoozo byabwe.

Bwe muba musazeewo okukolera awamu ng'ekibiina, waliwo amakubo mangi agokwetereezaamu:

1. Bammemba b'ekibiina bakolera wamu buli kalimo akakwatagana n'okulima ensigo era ne bagabana bulungi amagoba.

2. Bammemba b'ekibiina balima ensigo mu nkola ya ssekinoomu naye beegatta ku bimu okugeza okutereka oba okutunda ebirime.
3. Bammemba b'ekibiina beegatta wamu singa baba bagula ensigo n'ebikozesebwa ne kibayamba mu kukendeeza ku bbeeyi yaabyo.

Kiba kirungi okukolera mu kibiina ekirina obumanyirivu n'obututumufu mu kukolera awamu.

Sooka olowooze bulungi ku bulungi n'obuzibu obuli mu nkola zonna nga tonnasalawo nkola ki gy'onoogoberera.

**Neetaagisa ki okukola bizinensi y'ensigo ey'omulembe?**

- Balirira ebbeeyi y'ebyetaagisa okutandika bizinensi y'ensigo
- Balirira ennyingiza n'ensasaanya ey'omwaka ogumu
- Balirira amagoba g'osuubira okufuna

Nga tonnatandika bizinensi, wandibadde okuba pulaani okulaba oba olina obusobozi obutandika bizinensi era n'okulaba oba onoofunamu ssente. Kino kitegeeza okubalirira bino:

✓ Ebbeeyi y'ebikozesebwa ebyabulijjo n'ebyo ebiwangaazi.
✓ Ebbeeyi etundirwako.
✓ Ennyingiza y'ebitundibwa (ssente z'ebitundibwa) mu mwaka.
✓ Obusobozi bwa bizinensi okukola amagoba.



**Kuba pulaani ya bizinensi nga tonnatandika bizinensi yo**

## Ebyetaagisa okukola bizinensi

Ebyetaagisa okuddukanya bizinensi bya mirundi ebiri:- **Ssente ez'ebintu ebiwangaazi** ne **ssente ez'ebintu ebyabulijjo**. Ebintu ebiwangaazi n'ebya bulijjo bw'obigatta biyitibwa **ebikozesebwa** oba **ebyetaago bya bizinensi**. Ebikozesebwa eby'obuwangaazi bigulibwa omulundi gumu ng'otandika bizinensi (costs of production). Ebikozesebwa ebyobuwangaazi mu bizinensi y'ensigo mugenderamu, ebyuma ebikozesebwa ng'enkumbi, ejjambiya n'ebirala, okuzimba ennyumba eziterekebwamu/ebyagi (store) n'okugula ebyuma ebiwangaala ebiyinza okukozesebwa ku nnima ezisukka mu lumu naye nga tebimala myaka mingi. Okugula oba okupangisa ettaka kiyinza okubalirwa ku byetaagisa ebyobuwangaazi.

Bw'oba obalirira ebbeeyi y'ebyuma n'ebikozesebwa, balirira obuwangaazi bwa buli kimu ng'obugatta ku bbeeyi eyakigula. Obuwangaazi bubalirwa ku sizoni oba ku myaka. Okugeza, obuwangaazi bw'enkumbi bwa myaka ebiri.

Ebikozesebwa eby'obuwangaazi eby'abalimi b'ebijanjaalo e Kabale (Kabale Bean Seed Producers) biragiddwa bulungi wammanga.

**Ebikozesebwa eby'obuwangaazi ebya Kabale Bean Seed Producers**

| | Sizoni esooka | | | Sizoni eyokubiri | | |
|---|---|---|---|---|---|---|
| Ekikozesebwa | Obungi | Ssente ezisooka | Obuwangaazi (sizoni) | Obungi | Ssente ezisooka | Obuwangaazi (sizoni) |
| Ekikungula (Thresher) | 1 | 9,000 | 3 | 1 | 9,000 | 3 |
| Akalondamu (sorter) | 1 | 6,500 | 8 | 1 | 6,500 | 8 |
| Akaveera akaddugavu okwanikibwa | 1 | 750 | 6 | 1 | 750 | 6 |
| Enkumbi | 12 | 350 | 2 | 12 | 350 | 2 |
| Obusero obuwewa | 4 | 50 | 2 | 4 | 50 | 2 |
| Ettaka | 0.53 acres | 4,000 | | 0.6 acres | 3,000 | |
| **Omugatte gw'ebikozesebwa** | | **20,650** | | | **19,650** | |

Ebikozesebwa ebyabulijjo by'ebyo ebigulibwa buli sizoni mu kusimba ensigo okuva mu kutegeka ennimiro okutuuka ku kutunda ensigo. Ebikozesebwa ebyabulijjo mugenderamu bino:- Ebikozesebwa nga enkumbi, enso n'ebirala, ebyuma nga ttulakita, ensigo, ebigimusa, abakozi, entambula n'ebikozesebwa mu kusibamu ensigo. Ssente ezipangisa ettaka ziyinza okubalirwa ku bikozesebwa ebyabulijjo singa oba opangisa ettaka buli kiseera. Kikulu nnyo okumanya nti ssente ezikozesebwa zeyongerako buli lw'ogaziya ennimiro kubanga buli kikozesebwa kyeyongerako. Wekkaanye sente z'ebikozesebwa eza Kabale Bean Seed Producers ne Mr. Tusiime omulimi wa lumonde.

**Ebikozesebwa ebyabulijjo eby'ekibiina kya Kabale Bean Seed Producers**

| | Sizoni esooka | | | | Sizoni eyokubiri | | | |
|---|---|---|---|---|---|---|---|---|
| | Obungi | Ennaku | Ebbeeyi | Omugatte | Obungi | Ennaku | Ebbeeyi | Omugatte |
| Ensigo | 15.5 | | 120 | 1,860 | 9.5 | | 120 | 1,140 |
| Eddagala ly'ebiwuka | | | | 1,000 | | | | 1,000 |
| Okupangisa Bbomba | 1 | 2 | 100 | 200 | 1 | 2 | 100 | 200 |
| Obusawo bwa pulasittika (1 pkt=80 bags) | 1 | | 300 | 300 | 1 | | 300 | 300 |
| Obusawo bw'obuveera obuteekebwamu ensigo (100 kg) | 4 | | 50 | 200 | 2 | | 50 | 100 |
| Eddagala erikuuma ensigo | | | | 155 | | | | 100 |
| **Omugatte** | | | | **3,715** | | | | **2,840** |

**Ebikozesebwa ebyabulijjo ebya Mw. Tusiime omulimi wa lumonde**

| | Sizoni esooka | Sizoni eyokubiri |
|---|---|---|
| Ensigo | 54,000 (Ensawo 18) | 2,100 (Ensawo 7) |
| Okutegeka ennimiro | 14,050 | 3,400 |
| Okusimba | 2,200 | 800 |
| Okukoola | 1,300 | 600 |
| Okufuuyira | 870 | 800 |
| Dehaulming | 200 | 200 |
| Ebigimusa | 7,000 | 3,000 |
| Eddagala ly'ebiwuka | 5,970 | 2,000 |
| Okukuuma | 2,000 | 500 |
| Okukungula | 2,400 | 1,500 |
| Ensawo | 500 | 600 |
| Entambula | 6,270 | 1,300 |
| **Omugatte** | **96,760** | **16,800** |

Nga otandika butandisi bizinensi, olina okubeera ne ssente ez'okusasulira ebikozesebwa ebiwangaazi n'ebyabulijjo nga tonnatandika. Kikulu okujjukira nti tewajja kubeerawo ssentez'oyingiza okuva mu bizinensi yo okutuusa ng'okungudde era n'otunda ebibala ebisooka.

N'olwekyo olina okutetenkanya wa ssente ezokutandika gye zinaava. Ssente ziyinza okuva ku zizo ze watereka oba okuzeewola. Naye bw'oba weewola ssente, mala kulowooza oba osobola okusasula ebbanja era n'osigazaawo ssente ezimala okuddukanya bizinensi yo. Okuva ssente ezikozesebwa lwezikwatagana obutereevu n'obugazi bw'ekifo ekyokusigamu, sooka omale okutunuulira obungi bw'ensigo n'obunene bw'ekitundu ky'oyagala okusigamu. Okusalawo kuno olina okukutuukako ng'omaze okwetegereza ebikozesebwa ebiriwo okugeza ettaka, abakozi, obudde n'ebirala, Ssente mmeka z'olinawo ez'okuteeka mu bizinensi, n'akatale k'ensigo k'osuubira. Kisingako okutandikira ku musingi omutonotono n'ogenda ng'ogaziya bizinensi mpolampola.

Okugobolola obulungi mu bizinensi, abalimi b'ensigo bandigezezaako okukendeeza ku bbeeyi y'okulima ate ne bongera ku bungi bw'ebikungulwa. Kino kisobolwa okukolebwa nga:

- ✓ Osimba ebika ebibala ennyo.
- ✓ Osimba ebika ebigumira endwadde n'ebiwuka mu kitundu kyo.
- ✓ Osimba ensigo ennungi.
- ✓ Osimba mu ttaka eggimu oba ng'okozesa ebigimusa ebya nnakavundira n'ebyekizungu okwongera ku bugimu bw'ettaka.
- ✓ Ng'olabirira bulungi ennimiro zo ng'osimba mu budde, ng'oyoyoota bulungi ennimiro zo, weerinda bulungi endwadde n'ebiwuka, ng'okungula mu budde era ng'otereka bulungi ensigo ezikunguddwa.

Embeera z'obudde embi nazo zikosa ennimiro n'ebimera naye tolina kinene ky'osobola kukolawo ku kizibu kino.

## Okubalirira ebbeeyi eyokutundirako

Ng'omaze okumanya ensimbi zonna ezeetaagisa okuddukanya bizinensi yo, balirira ebbeeyi gy'onootundirako ensigo osobole okufunako amagoba.

Ebbeeyi etundirwako ze sente ezikozesebwa okulima ekimera okugeza ensawo oba kilo (**cost of production**) ng'ogasseeko amagoba g'omulimi (**profit mark up**) ng'ogasseeko ne ssente ezokuzzaawo oba okuddaabiriza ebyuma ebikozeseddwa (depreciation).

**Selling price = Costs of Production + profit markup + depreciation**

Wano waliwo ekyokulabirako ekya Muky. Mafabi omulimi w'ebijanjaalo engeri gye yabaliriramu ebbeeyi etundirwako.

## Omutendera 1: Balirira ssente ezeeyambisibwa mu kulima

Muky. Mafabi ategeka/apulaninga okusiga kilo z'ebijanjaalo 300 nga kijja kumalawo shs. 288,000. Ng'amaze okukungula n'okunsunsula ensigo ze, asuubira okusigazaawo kilo z'ebijanjaalo 4000. Agabiza ssente zonna ezaakozesebwa mu kulima (shs. 288,000) mu bungi bw'ebijanjaalo ebikunguddwa (kilo 4000):
Shs. 288,000/4000 = 72

Kino kitegeeza nti kitwala shs. 72 okulima kilo y'ebijanjaalo emu.

Kati olwo Muky. Mafabi aba alina okutunda kilo y'ebijanjaalo shs. 72 okusobola okuggyamu ssente ezaagirima. Singa kilo agitundira ku shs. 72, olwo kitegeeza tajja kugifunako magoba n'akamu. N'olwekyo ayina okwongeramu ssente ze ezikola amagoba ku ssente ezaalima olwo alyoke afune amagoba ku by'atunda.

## Omutendera 2: Balirira ssente z'amagoba (profit markup)

Okukuyambako, ssente z'amagoba ku nsigo zandibadde wakati wa 20-50 ku kikumi ekya ssente ezeeyambisibwa mu kulima ekipimo ekyo okugeza kilo oba ensawo. Amagoba gayinza okwawuka ku buli kika okusinziira naddala ku bwetaavu bw'abalimi eri ekika ky'ensigo eyo. Olw'okuba abalimi beetegefu okugulira waggulu ebika by'ensigo ezo ze baagala, osobola okulinnyisa amagoba go ku bika ebyo. Ku ludda olulala, wandikendezezza ebbeeyi ku bika by'ensigo ebyo ebyawukana ku by'abalimi bye bamanyidde, ku bika ebitajjumbirwa ne ku bika ebitalina nnyo katale.

Muky. Mafabi alowoozezza ku magoba ga 25 ku 100 ng'agasaanidde abalirira ebitundutundu 25 ku 100 ekya shs. 72.

Kubisa 72 x .25 = shs. 18

Gatta amagoba aga shs. 18 ku shs. 72 (ssente ezaakozesebwa okulima buli kilo)

Shs. 18 + shs. 72 = shs. 90

Ng'osalawo ssente ez'amagoba, olina okwebuuza ebibuuzo bino:

- ✓ Bakasitoma abasinga beetegefu okugula ku bbeeyi eno?
- ✓ Ebbeeyi eno etuukana bulungi n'ebbeeyi y'ensigo endala ezigifaanana?
- ✓ Ebbeeyi eno eneesobozesa omusuubuzi oba omutunzi w'edduuka okwongerako amagoba ge era n'asigala ng'atunda? Omusuubuzi oba ow'edduuka ayinza okutundira ku ssente ezikubisa mwezo ze yagulirako oba n'okusingawo, naye ggwe ebirowoozo bisse ku ssente ezizo kw'otundira.

Eky'okuddamu ku kimu ku bibuuzo bino kyonna bwe kibeera nedda, lowooza ku ky'okukendeeza ku magoba go.

## Omutendera 3: Balirira ssente z'ebintu ebyonooneka ng'olima

Ebyuma ebikozesebwa nga enkumbi, enso, ttulakita n'ebizimbe bikaddiwa, bimenyeka era ne byetaagisa okuzzaawo. Okuva ebyuma lwe bikendeera ekitono oluvannyuma lw'okubikozesa buli mwaka, ssente zino zandigattiddwa ku ssente ezitundirwako ng'oyawula akasente akatonotono buli mwaka okuva ku ssente ezaagula ebyuma/ekyuma. Okuva abalimi b'ensigo lw'ebakozesa ebikozesebwa n'ebyuma eby'enjawulo, kizibu okusalawo ssente mmeka eza buli kyuma ez'okugatta ku ssente ez'okutundirako. Enkola ennyangu ye y'okutunuulira ebintu ebikozesebwa eby'ebbeeyi ennene n'obalirira engeri gye byonoonekamu (nga tebisukka ku bibiri).

Muky. Mafabi yagula akakungunta ensigo (threshing rack) ku shs. 9,000. Akakungunta kawangaala sizoni 3 ne kakaddiwa. Okubalirira ssente ezonooneka ku buli kikozesebwa, gabiza ssente ezaakigula mu bbanga lye kinawangaala.

Muky. Kafabi yagabiza shs. 9,000 mu 3. 9,000/3 = shs. 3,000. Shs. 3,000 ze ssente z'akakungunta ezikozesebwa mu mwaka ogumu.

Muky. Mafabi agabiza obungi bw'ensigo bw'asuubira okutunda (4,000 kg) ne ssente z'akakungunta ezikozesebwa 4000/3000 = 1.33. 0.33 eya 1.33 sobola okulekebwa ebbali. Singa kino kyabadde 0.50 eya 1.50, kakati wumbawumbako ensimbi ezononeka zibeere Shs. 2.00.

Muky. Mafabi agatta sh. 1 ku bbeeyi ya buli kilo ya nsigo. Shs. 90 (ebbeeyi erimirwako + amagoba) + sh. 1 (ssente ezonooneka) = 91. Okwongerako ssente ezonooneka, kimusobozesa okufuna ssente ezimala okuzzaawo akakungunta oluvannyuma lwa sizoni ssatu.

Ebbeeyi ya buli kilo y'ebijanjaalo mu nkola eno ebeera shs. 91.

Ojja kufuna amagoba okuva mu bizinensi yo ng'ogatta ssente ez'amagoba ne ssente z'ebintu ebyonooneka ebikozesebwa. Singa ekirime kitundibwa ku ssente za wansi ku ezo ezaakirima, bizinensi ejja kugwa. Singa sente ezeeyambisibwa mu kulima, ziba waggulu nnyo, ekirime kijja kuba ku bbeeyi ya waggulu nnyo eri abaguzi.

Ekifaananyi ekiddako kiraga okwonooneka kw'ebintu ebiwangaazi ebikozesebwa aba Kabale Bean Seed Producers mu sizoni emu. Okwonooneka kuno kubaliriddwa mu kifaanayi

ekiri ku muko ogwa 25.

**Okwonooneka kw'ebikozesebwa ebiwangaazi ebya Kabale Bean Seed Producers**

| Ekikozesebwa | Obuwangaazi (sizoni) | Okukendeera (Shs) |
|---|---|---|
| Akakungunta | 3 | 3,000 |
| Akuuma akaawula ensigo | 8 | 813 |
| Akaveera akaddugavu okwanikibwa | 6 | 125 |
| Enkumbi | 2 | 2,100 |
| Ekisero ekiwewa | 2 | 100 |
| **Omugatte** | | **6,138** |

## Ssente ezisuubirwa okuva mu bitundibwa mu mwaka

Ng'omaze okubalirira ssente z'okutundirako ensigo, oba omanyabumanya ssente z'osuubira okufuna mu mwaka okuva mu bitundibwa. Goberera amakubo asatu okubalirira ensimbi z'ofuna okuva mu bitundibwa eza buli sizoni mu mwaka.

**Omutendera ogusooka:** Balirira obungi bw'ensigo z'osuubira okutunda buli sizoni n'ebbeeyi gy'osubira okutundirako. Embalirira eno eyina kubeera njawufu okusinziira ku buli kika.

Muky. Mafabi asuubira okutunda kilo 4000 ez'ebijanjaalo ku sizoni esooka ku shs. 91 buli kilo. Asuubira okutunda kilo 3500 ku sizoni eddako/eyokubiri ku shs. 98.

| | Sizoni esooka | Sizoni eyokubiri |
|---|---|---|
| Ebbeeyi ya kilo emu | Shs. 91 | Shs. 98 |
| Obungi bwa kilo ezinaatundibwa | 4,000 | 3,500 |

**Omutendera 2:** Balirira ssente zonna ezinaava mu sizoni esooka n'eyokubiri.

| | | Omugatte |
|---|---|---|
| Sizoni esooka | 91 x 4,000 | Shs. 364,000 |
| Sizoni eyokubiri | 98 x 3,500 | Shs. 343,000 |

**Omutendera 3:** Okufuna ssente z'omwaka gatta sente zonna ezifuniddwa okuva mu sizoni zombi.

| | |
|---|---|
| Sizoni esooka | Shs. 364,000 |
| Sizoni eyokubiri | Shs. 343,000 |
| Ennyingiza y'omwaka | Shs. 707,000 |

Muky. Mafabi asuubira okufuna shs. 707,000 ku nkomerero y'omwaka okuva mu mwaka gwe ogusoose okulima ensigo.

## Okubalirira amagoba agayinza okuva mu bizinensi yo

Ekigendererwa kya bizinensi y'ensigo yo kukola ssente/magoba. Kino kitegeeza nti ssente eziva mu bitundiddwa ziteekwa kubeera nnyingiko okusinga ku zaakozesebwa mu kulima ensigo. Kikulu nnyo okusooka okukakasa oba osobola okufuna amagoba okuva mu kutunda ensigo nga **tonnatandika** bizinensi. Bizinensi nnyingi zigwa oluvannyuma lwa bannyinizo okwesanga nga tebasobola kufunako magoba.

Goberera emitendera/amakubo 4 okukakasa oba bizinensi yo eneekola amagoba.

**Omutendera ogusooka:** Balirira ebikozesebwa ebyobuwangaazi n'ebyabulijjo by'osuubira okuba nabyo. Ebibiri bino era bimanyiddwa nga ebbeeyi y'ebitundibwa.

Muky. Mafabi yawandiika ssente z'ebikozesebwa ebiwangaazi n'ebyabulijjo ebya sizoni ebbiri:

| | Sizoni esooka | Sizoni eyokubiri |
|---|---|---|
| Ebikozesebwa ebiwangaazi | 194,000 | 150,000 |
| Ebikozesebwa ebyabulijjo | 94,000 | 60,000 |
| Ssente z'ebitundiddwa | 288,000 | 210,000 |

Ssente zonna awamu eziddukanya bizinensi ye mu mwaka ogumu ziri shs. 498,000 (shs. 288,000 + 210,000)

**Omutendera 2:** Balirira ssente eziva mu bitundiddwa mu mwaka.

| | |
|---|---|
| Sizoni esooka | Shs. 364,000 |
| Sizoni eyokubiri | Shs. 343,000 |
| Ssente eziyingizibwa mu mwaka | Shs. 707,000 |

Muky. Mafabi asuubira okufuna shs. 707,000 ku mwaka mu mwaka gwe ogusoose mu kulima ensigo:

**Omutendera 3: Balirira amagoba**

Amagoba ze ssente eziva mu bitundiddwa ng'oggyeeko ssente ezakozesebwa mu kulima.

Muky. Mafabi abalirira amagoba ge ng'ayawula ssente ze shs. 707,000 z'afunye ku mwaka okuva ku ssente shs. 498,000 ezaakozesebwa ku mwaka (ssente ezaakozesebwa ku bitundiddwa mu sizoni ebbiri shs. 288,000 + shs. 210,000 = shs. 498,000).

Amagoba ga Muky. Mafabi mu mwaka gali shs. 209,000.

**Omutendera 4:** Okusalawo ku kikwatagana n'amagoba

Salawo oba amagoba agasuubirwa gagya mu bunene bw'omulimo n'amaanyi g'onossa mu bizinensi yo.

**Ntandike bizinensi y'ensigo?**

- Tunuulira era weefumiitirize ku mawulire g'okungaanyizza
- Lima ensigo wakiri sizoni emu ogitunde
- Balirira amagoba era otunuulire obumanyirivu bw'oyiseemu
- Salawo oba otandika bizinensi y'ensigo n'ekika ky'ensigo y'ekimera ky'ogezesezza, oba okyusa ekika ky'ensigo oba ekimera oba oteera ddala ekirowoozo ky'okukola bizinensi y'ensigo

Ng'oyise mu mitenderera egiragiddwa era nga wekenneenyezza bulungi amawulire g'okuggaanyizza, kati osobola okulima ensigo naye mu ngeri y'okugezesa. Enkola eno nnungi kubanga ekuyamba okufuna obumanyirivu mu kulima ne mu kutunda ensigo nga totaddemu kinene nnyo ky'oyinza kufiirwa. Lima

ensigo wakiri sizoni emu, zitunde era obalirire amagoba ga bizinensi yo. Bw’oba tosobodde kugoba ku nsigo, gezaako ku kika ky’ensigo ekirara kye wagezesa oba kyusa ekika ky’ekimera. Mu ngeri zonna, ojja kuddamu okuyita mu gimu ku mitendera egiyitibwamu ng’ogenda okutandika bizinensi (Laba emitendera gino ku muko 5). Ng’omaze okugezesa, oyinza era okusalawo okuva ku by’okulima ng’omaze okukiraba nti bizinensi y’ensigo si ye bizinensi entuufu ku ggwe.

## ESSUULA 3: OKUTETENKANYA/ OKUPULAANINGA BIZINENSI

**Okupulaaninga/Okutetenkanya** kitegeeza okulowooza n’okwetegekera ekintu nga tekinnagwawo.



**Okupulaaninga kya mugaso nnyo mu kutumbula/ kukulaakulanya bizinensi**

Waliwo emitendera ebiri mu kupulaaninga bizinensi. Kya mugaso okulowooza n'okwetegekera eky'okukola nga tonnatandika bizinensi. Bizinensi yo bw'etandika, ojja kuba opulaaninga buli sizoni oba buli mwaka kikuyambe okukulaakulanya bizinensi yo mu biseera by'omu maaso.

Okupulaaninga kya mugaso nnyo eri bizinensi y'ensigo yo lwa nsonga ssatu enkulu:

1. Pulaani ekulaga wa w'olina okwongera amaanyi mu bizinensi yo.

2. Pulaani ekulaga omuwendo gwa ssente gw'oyinza okusuubira okufuna n'okufulumya mu bizinensi yo.

3. Pulaani eraga ekitongole ekiwola ssente nga bbanka, entambula n'obuwangaazi bwa bizinensi yo mu biseera ebijja.

Essuula eno ekulaga entegeka ya pulaani ez'emirundi esatu: **pulaani ya bizinensi, pulaani y'ebitundibwa n'ebikozesebwa,** ne **pulaani y'ennyingiza ya ssente.**

## Okutegeka pulaani ya bizinensi

Okutegeka pulaani ya bizinensi kijja kukuyanba okutegeera obulungi n'okugoberera ebirowoozo byo. Kijja era kukuyamba okwekakasa obuwanguzi bwo. Pulaani bw'eba etegekeddwa bulungi, eraga ekitongole ekiwola ssente, ssente mmeka ze weetaaga n'engeri gy'olisasulamu ebbanja. Pulaani ya bizinensi yandibadde erimu ebintu bino:

1. Ennyanjula: Nnyonyola ebimera n'ebika by'ensigo bizinensi yo by'eneerima, lwaki bizinensi kirowoozo kirungi era n'okulaga b'ani bakasitoma bo.

2. Amawulire agakukwatako: Teekako amannya go, erinnya lya bizinensi, obumanyirivu bwo n'okutendekebwa kw'olina.

3. Nyonnyola ekimera: Wa/laga kalonda yenna akwatagana ku bika by'ensigo by'osuubira okwaza, engeri gy'onookuumamu omutindo, ensiba/ensabika n'ebirala. Nyonnyola kiki ekyenjawulo ku nsigo zo.

4. Nyonnyola akatale: Bakasitoma be bani? Babeera wa? Akatale kenkana wa obunene? Obwetaavu bw'ensigo bweyongera oba bukendeera? B'ani ab'okuvuganya nabo era banaakola ki singa otandika okulima?

5. Nyonnyola pulaani yo ey'okutunda. Onoosasaanya/onoobunyisa otya era onootunda otya ebyamaguzi? Onoosikiriza otya abaguzi era lwaki enkola eno eneeba nnungi?

6. Ebikozesebwa/ebyuma ebyetaagisa: Bizinensi eneebeera wa? Onoofuna otya ekifo/ettaka? Byuma ki bye weetaaga, lwaki era bigula ssente mmeka?

7. Nyonnyola ssente zitya ezeetaagisa: Weetaaga ssente mmeka okutandika n'okuddukanya bizinensi okumala omwaka ogumu? Ebintu ebipya byenkana wa by'onooteeka mu bizinensi? Bw'oba oyagala okwewola, ssente mmeka ezeetaagisa era zakukola ki? Onoosingayo ki okukuwola ssente?

8. Olina pulaani ki ez'omu maaso? Olina bigendererwa ki okuddukanya bizinensi? Kiki ky'osuubira okubaawo mu bbanga lya myaka esatu oba etaano egiddako?

Eky'okulabirako ekya pulaani ya bizinensi kiri ku muko ogwa 85.

## Okutegeka pulaani y'ebitundibwa n'ebikozesebwa

**Pulaani y'ebitundibwa n'ebikozesebwa** ekuyamba okwefumiitiriza ku by'onootunda ne ssente ezeetaagibwa buli mwezi ogw'omwaka oguddako. Kino kikuyamba okumanya amagoba g'osuubira okufuna ku sizoni oba ku mwaka oguddako. Ku bizinensi y'ensigo, kisaanye okole pulaani y'ebitundibwa ne ssente ezeetaagisa eza sizoni oba omwaka nga bukyali ng'osinziira oba mu mwaka mulimu sizoni emu oba bbiri ezirimirwako. Kola pulaani y'ebitundibwa ne ssente nga tonnagyetaaga kugikozesa.



**Kola pulaani y'ebitundibwa n'ebikozesebwa nga bukyali**

**Omutendera 1:** Balirira ssente z'ebintu ebikozesebwa ebiwangaazi n'ebyabulijjo. Osobola okufuna amawulire gano ng'ogaggya mu bitabo bya bizinensi yo. Waliwo ekintu kyonna ky'oyinza okwongeramu amaanyi? Ebintu bye wakozesa byali bya ssente ntono? (Wabula teweerabira okufa ku mutindo gw'ebintu bw'oba osalawo kino)? Wayonoona ebikozesebwa? Ekiddako, funa amawulire agakwatagana ku mwaka oguddako. Lowooza ku kintu kyonna ekiyinza okukosa oba okuyingirira ebintu ebikozesebwa.

**Omutendera 2:** Kuba ekifaananyi ku by'onootunda n'amagoba ebya buli mwezi. Okufuna ekifaananyi kino, funa amawulire agakwatagana ku byaliwo omwaka oguwedde. Osobola okufuna amawulire gano ng'okebera mu bitabo ebya bizinensi yo. N'obwegendereza lowooza ku kyaliwo mu kiseera ekiyise. Waliwo ekintu kyonna ekyetaagisa okwongeramu amaanyi? Ekiddako, funa amawulire agakwata ku mwaka oguddako. Lowooza ku kintu kyonna ekiyinza okuyingirira by'onotunda n'amagoba go. Ekifaananyi kino kiyinza okugabanyizibwamu mu sizoni z'okusiga. Weebuuze ebibuuzo bino:-

**Ebirime: (Ekika ky'ebirime n'ensigo)**

Birime ki ebyatunda obulungi? Lwaki?
Birime ki ebitaatunda bulungi? Lwaki?
Birime ki bakasitoma bo bye baagala?
Osobola okutunda ebirime ebipya?

**Ebbeeyi/omuwendo:**

Bakasitoma bo baali beetegefu okugulira ku bbeeyi gye walamula?
Ebbeeyi yali waggulu ekimala okusobozesa bizinensi yo okukola amagoba?
Weetaaga okwongeza oba okukendeeza ku bbeeyi eyo?

**Entunda/Ebitundibwa**

Waguza bakasitoma butereevu oba basuubuzi?
Ntunda ki eyasinga okuyingiza/okukola amagoba?
Wasikiriza otya abaguzi b'ekirime kyo?
Kkubo ki erisikiriza eryasinga okutunda n'okukola amagoba mu bizinensi yo?
Ngeri ki esinga okubunyisaamu/okusasaanya bizinensi yo?
Kiki ky'osobola okukola okusikiriza abaguzi eri ekirime kyo?

**Omutendera 3:** Weeyambise pulaani y'ebitundibwa n'ebikozesebwa okulongoosa mu bizinensi yo. Ku nkomerero ya buli mwezi, geraageranya ssente eziri mu pulaani y'ebitundibwa n'ebikozesebwa n'omuwendo gwe nnyini gw'owandiika mu kitabo kya bizinensi yo. Weeyambise pulaani yo okulaba oba bizinensi yo ekola bulungi nga bwe wasuubira.

- ✓ By'otunze mu mwezi bingi nga bwe wasuubira? Oba nedda, noonyereza lwaki by'otunze biri wansi w'ebyo kye wasuubira.
- ✓ Ssente z'ofulumizza mu mwezi ziri waggulu ku ezo ze wasuubira? Oba bwe kiri, noonyereza lwaki ziri waggulu
- ✓ Amagoba g'omwezi gali wansi w'ago ge wasuubira? Noonyereza lwaki amagoba go si mangi nga bwe wasuubira.

## Okutegeka ennyingiza n'enfulumya ya ssente

**Ennyingiza n'enfulumya** ya ssente, ekumanyisa ssente mmeka ezisuubirwa okuyingira mu bizinensi yo n'okufuluma buli mwezi. Entegeka ya pulaani eno ekuyamba okukakasa nti bizinensi yo tebulwako ssente ekiseera kyonna. Kikulabula ku bbula lya ssente eriyinza okubeerawo ne kikuyamba okumalawo ebizibu nga tebinnagwawo. Okugeraageranya kino n'ennyingiza n'enfulumya ya ssente ye nnyini gy'oyiseemu, kikuwa enkola ennungi okumanya obutuufu bw'ekyo kye wageraageranya

ku nkola ya bizinensi nga bweri. Osobola okukola pulaani y'ennyingiza n'enfulumya ya ssente nga ya sizoni emu oba ebbanga erisingawo.

Wano waliwo pulaani y'ennyingiza n'enfulumya ya ssente eya bizinensi ya Mw. Tusiime omulimi wa lumonde.

| Pulaani y'ennyingiza n'enfulumya ya ssente | | | |
|---|---|---|---|
| | Janwali | Febwali | Maaci |
| Ssente enkalu ku ntandikwa y'omwezi | Shs. 4,500 | Shs. 3,480 | Shs. 2,780 |
| Ssente eziva mu bitundiddwa | | | Shs. 3,000 |
| Ssente endaala zonna ezifuniddwa | Shs. 480 | Shs. 500 | Shs. 300 |
| Ssente zonna awamu ezifuniddwa | Shs. 4,980 | Shs. 3,980 | Shs. 6,080 |
| Ssente ezifulumiziddwa ku bikosebwa ebiwangaazi | Shs. 900 | Shs. 900 | Shs. 900 |
| Ssente ezifulumiziddwa ku bikosebwa ebyabulijjo | Shs. 600 | Shs. 300 | Shs. 1,200 |
| Ssente ezisubirwa okugulwamu ebintu | Shs. 0 | Shs. 0 | Shs. 800 |
| Ssente endala zonna ezifulumiziddwa | Shs. 0 | Shs. 0 | Shs. 0 |
| Ssente zonna ezifulumiziddwa | Shs. 1,500 | Shs. 1,200 | Shs. 2,980 |
| Ssente enkalu ku nkomerero y'omwezi | Shs. 3,480 | Shs. 2,780 | Shs. 3,100 |

Goberera emitendera 10 okukola pulaani y'ennyingiza n'enfulumya ya ssente. Omutendera ogusooka okutuuka ku gw'okuna (1-4) gya SSENTE EZIYINGIZIBWA. Omutendera 5-9 gwa SSENTE EZIFULUMIZIBWA. Tunuulira emitendera egy'omwezi ogwa Maaci.

**Omutendera 1.** Yingiza omuwendo gwa ssente z'osuubira okufuna ku ntandikwa ya maaci mu kabokisi ka ssente enkalu ne mu akawunta ya bbanka (bw'oba ogirina). Omuwendo guno guwandiike mu bbanga eriddirira erya ssente enkalu ku ntandikwa y'omwezi.

**Omutendera 2.** Tunula ku pulaani y'ebitundibwa n'ebikozesebwa. Ggyayo okuteebereza kwe wakola okw'omwezi ogw'okusatu (Maaci) okwa ssente z'ebitundibwa. Omuwendo guno guwandiike mu bbanga eriddiridde erya "ssente z'ebitundibwa".

**Omutendera 3.** Oyinza okufuna ssente okuva mu makubo amalala ng'oggyeeko ebitundibwa okugeza, ng'okwewola mu bbanka, amagoba ga akawunta yo eya bbanka oba okutonerwa. Omuwendo guno guwandiike mu bbanga eriddiridde erya "ssente zonna endala eziyingizibwa".

**Omutendera 4.** Gatta ssente zonna ezoogeddwaako mu mutendera 1, 2, ne 3 okufuna omugatte gwa ssente eziyingidde. Omuwendo guno guwandiike mu bbanga eriddiridde erya "ssente zonna awamu eziyingiziddwa".

**Omutendera 5.** Mu mwezi gwa maaci oyinza okugula ebikozesebwa mu bizinensi yo. Tunula ku pulaani zo ey'ebitundibwa n'ebikozesebwa ez'omwezi ogwa maaci. Wandiika omuwendo gwa ssente gwe wateebereza ogw'ebikozesebwa mu bbanga eriddiridde erya "ssente ezigula ebikozesebwa".

**Omutendera 6.** Tunula ku pulaani zo ez'ebitundibwa n'ebikozesebwa ez'omwezi ogwa maaci olabe ssente mmeka ze wabalirira okusasaanyiza ku bikozesebwa ebyabulijjo. Wandiika omuwendo gwe wasuubira mu bbanga eriddiridde erya "ssente z'ebikozesebwa ebyabulijjo".

**Omutendera 7.** Onoogulayo ekyuma ekikozesebwa kyonna mu mwezi gwa maaci? Manya ssente mmeka era owandike omuwendo guno mu bbanga eriddiridde erya "ssente ezaategekebwa okusasaanyizibwa ku byuma ebikozesebwa".

**Omutendera 8.** Waliyo omuwendo gwa ssente endala zonna z'osuubira bizinensi yo okusasula mu mwezi, okugeza ebbanja lya bbanka? Omuwendo guno guwandiike mu bbanga eriddiridde erya "ssente endala zonna ezifulumizibwa". Bwe watabaawo ssente zonna ng'ezo, leka ebbanga lino nga lyereere.

**Omutendera 9.** Gatta omuwendo gwa "ssente ezifulumizibwa" gwonna okuva ku mutendera 5, 6, 7, 8. Guno gwe mugatte gw'omuwendo gwa ssente gw'osuubira okufulumizibwa okuva mu bizinensi yo mu mwezi ogwa maaci.

**Omutendera 10.** Yawula omugatte gwa ssente ezifulumiziddwa okuva ku mugatte gwa ssente eziyingiziddwa okufuna omuwendo gwa ssente ezisigaddewo mu nsawo yo ne ku akawunta ya bbanka ku nkomerero y'omwezi gwa maaci. Jjukira nti ssente eziriwo ku nkomerero y'omwezi ze ssente era ezibaawo ku ntandikwa y'omwezi oguddako.

Pulaani y'ennyingiza n'ensasaanya ya ssente eya Mw. Tusiime eraga nti ku nkomerero y'emyezi esatu asuubira okuba ne shs. 9,360.

Weeyambise pulaani y'ennyingiza n'ensasanya ya ssente zo okukakasa nti bizinensi yo erina ssente ezigimala obudde bwonna. Singa pulaani y'ennyingiza n'ensasaanya ya ssente ekulaga nti bizinensi erabika okuggwebwako ssente mu mwezi gumu, wefumiitirize ku bibuuzo bino:

- ✓ Osobola okwongera ku ssente okuva mu bitundibwa mu mwezi ogwo? Kirowoozeeko oba ogaba amabanja mangi.
- ✓ Osobola okukendeeza ku ssente z'ebikozesebwa mu mwezi?
- ✓ Kikwetaagisa okugula ebyuma ebipya mu kiseera kino? Osobola okugula ebyuma ku bbanja oba okwewola?

## Okubalirira bizinensi nga bw'eyimiridde

**Ennyimirira ya bizinensi** kwe kubalirira obuzito oba ssente ezibalirirwa mu bizinensi yo mu kiseera ekyo ekikuyamba okumanya oba bizinensi yo ekola bulungi. Kyamugaso okubalirira bizinensi yo nga bw'eyimiridde buli luvannyuma lw'emyezi 6. Goberera emitendera gino okubalirira bizinensi nga bw'eyimiridde.



**Balirira ennyimirira ya bizinensi buli luvannyuma lwa myezi mukaaga**

**Omutendera ogusooka 1.** Balirira buli kintu ekivaamu ssente ekiri mu bizinensi yo. Bino biyitibwa Byabugagga (Assets). Ebyobugagga mu bizinensi y'ensigo mugenderamu ensigo ezitannatundibwa, ebyuma ebikozesebwa, ebikozesebwa nga enkumbi, ne ssente zonna eziva mu kutunda ensigo.

**Omutendera 2.** Balirira ebikozesebwa byonna ebyobuwangaazi n'ebyabulijjo.

**Omutendera 3.** Yawula ssente ez'ebikozesebwa mu bizinensi ku bbeeyi y'ebyobugagga. Omuwendo guno ye nnyimirira ya bizinensi yo.

**Ennyimirira ya bizinensi y'ebijanjaalo ya Muky. Mafabi, omwezi ogwa Maaci (Shs.)**

| **A. Ebyobugagga** | **Ebbeeyi y'ebintu** |
|---|---|
| Ebyuma | 7,500 |
| Ensigo | 3,000 |
| Ebisibwamu | 1,000 |
| Ssente ezivudde mu kutunda ensigo | 3,500 |
| Omugatte ogusooka | 15,000 |
| | |
| **B. Ssente ezikozesebwa** | |
| **Ebikozesebwa ebiwangaazi** | |
| Ssente ezewolebwa okugula ensigo, ebikozesebwa oba ebyuma | 2,500 |
| Ssente eziddaabiriza/okuzzaawo | 700 |
| Ebyuma | 3,500 |
| | |
| **Ssente ezikozesebwa** | |
| Entambula | 1,000 |
| Okupangisa ebyuma | 2,000 |
| **Omugatte ogwokubiri** | **9,700** |
| **Shs 15,000 – 9,700 = Shs. 5,300** | |
| **Ennyimirira ya bizinensi mu Maaci eri Shs. 5,300** | |

Muky. Mafabi abalirira bizinensi ye nga bw'eyimiridde mu maaci. Ssente ezirimu mu mwezi gw'okusatu ziri shs 5,300. Oluvannyuma lw'emyezi 6 addamu okubalirira bizinensi ye nga bw'eyimiridde.

**Ennyimirira ya bizinensi y'ebijanjaalo ya Muky. Mafabi, omwezi ogwa Sebutemba (Shs.)**


| **A. Ebyobugagga** | **Ebbeeyi y'ebintu** |
|---|---|
| Ebyuma | 7,000 |
| Ensigo | 5,000 |
| Ebisibwamu | 1,500 |
| Ssente ezivudde mu kutunda ensigo | 5,000 |
| **Omugatte ogusooka** | **18,500** |
| | |
| **B. Ssente ezikozesebwa** | |
| **Ebikozesebwa ebiwangaazi** | |
| Ssente ezewolebwa okugula ensigo, ebikozesebwa oba ebyuma | 1,500 |
| Ssente eziddaabiriza/okuzzaawo | 700 |
| Ebyuma | 4,000 |
| | |
| **Ssente ezikozesebwa** | |
| Entambula | 1,500 |
| Okupangisa ebyuma | 2,500 |
| **Omugatte ogwokubiri** | **10,200** |
| **Shs. 18,500 – 10,200 = Shs. 8,300** | |
| **Ennyimirira ya bizinensi mu Sebutemba eri Shs. 8,300** | |

Mu sebutemba, bizinensi ya Muky. Mafabi erimu shs 8,300. Mu myezi 6, bizinensi y'ensigo ye yeeyongeddemu amaanyi. Wadde ssente ezikozesebwa zeeyongedde, akola amagoba agamusobozesa okuddukanya bizinensi ye egenda egaziwa.

Kino kiyinza okuva ku nsonga nnyingi okugeza amakungula amangi, ebbeeyi eri waggulu oba byonna. Kino kiyinza okuva ku kukendeezebwa kwa ssente ezikozesebwa.

# ESSUULA 4: OKUKUUMA EBITABO EKIKUYAMBA OKUKULAAKULANYA BIZINENSI YO

Okukuuma ebitabo kikulu kubanga weetaaga okumanya bizinensi yo obulungi kikuyambe mu kusalawo obulungi buli ebikwata ku bizinensi.



**Okukulaakulana kwa bizinensi kusinziira ku nkuuma y'ebitabo entuufu**

Okukuuma obulungi ebitabo kijja kukuyamba okumanya:

- ✓ Engeri ssente zo gye zisasaanyisibwamu
- ✓ Ddi lw'osinga okutunda
- ✓ Engeri bizinensi yo gy'ekulakulaanamu
- ✓ Ddi lw'olina okugula ebintu

Okukuuma ebitabo okukulu kwa ngeri bbiri:

1. Ebitabo bya sizoni (seasonal records). Likodi z'ebitundiddwa byonna, ebiguliddwa, abakozi, ettaka

eripangisiddwa, entambula ne ssente zonna ezisasaanyiziddwa mu sizoni eyo.

2. Ssente z'osuubira okuyingiza (Income projection). Zino ze likodi eziraga ssente mmeka z'osuubira okuyingiza n'okufulumya mu kiseera ekigere okugeza omwezi oba sizoni. Likodi zino tezibeera ntuufu ddala wabula zigenda zirongooka nga bwe weeyongera obumanyirivu n'okulima. Ssente z'osuubira okuyingiza n'okufulumya zikuyamba okutegeera ebiseera bya bizinensi yo eby'omu maaso n'osalawo ku ngeri gy'otetenkanyaamu ensasaanya n'emiwendo. Ebyokulabirako ze pulaani z'ebitundibwa n'ebikozesebwa ne pulaani y'ennyingiza n'enfulumya ya ssente.

## Ebitabo bya sizoni

Ebitabo bya sizoni ebiraga ssente zonna ezikozeseddwa n'ebitundiddwa zikuumibwe mu kitabo ekyawufu ekiyitibwa leeja (ledger). Leeja kitabo kyabulijjo ky'oyinza okukuumiramu likodi za bizinensi. Bw'oba tosobola kugula kitabo kino ekya leeja, oyinza okwekolera ekikyo ng'okozesa ekkalaamu n'effuuti n'okubamu ennyiriri enjawufu mw'onoowandiika likodi ez'enjawulo. Likodi zonna eza sizoni emu zikuumire mu kitabo kimu ekya leeja, naye ku muko mwawufu buli kimu. Gano magezibugezi agakuweereddwa, wabula oyinza okukozesa engeri yonna kasita eba ng'esobola okukuyamba okutegeera obulungi kalonda wa bizinensi yo.

Gabanya ekitabo kyo mu butundutundu 2 oba 3:

Akatundu 1: wandiika ebintu byonna by'otwala ng'ebikozesebwa byo eby'obuwangaazi n'ebya bulijjo. Likodi zino ziyinza okuweebwa emitwe gino nga bwe kiragiddwa wammanga:

Leeja/ekitabo ky'ebigulibwa (purchase ledger), leeja/ekitabo ky'emirimo/abakozi (labor ledger), Leeja/ekitabo ky'ettaka (Land ledger), leeja/ekitabo ky'entambula (transport ledger), n'ekitabo ky'ebikozesebwa ebirala byonna (ledger for all other costs).

Akatundu 2: wandiika obungi bw'ensigo eza buli kimera n'ekika kyazo by'olinawo n'ebbeeyi ya buli kimu okugeza buli kilo oba nsawo. Ebitabo by'engeri eno biyitibwa inventory control.

Akatundu 3: wandiika ssente za bizinensi ze weewola bwezibaayo.

**Akatundu 1:** Likodi ezigwa mu katundu kano akasooka aka leeja zisobola okwawulwamu obutundutundu okuva ku A okutuuka ku E (A-E) nga bwe kiragiddwa wano:

## A. Ekitabo ky'ebigulibwa (purchase ledger)

Ekitabo ky'ebigulibwa kiraga olukalala lw'ebintu byonna by'ogulidde mu bizinensi yo, ddi lwe wabigula, obungi bwe wagula ne ssente mmeka ze wabigula. Kuuma lisiiti z'ebiguliddwa byonna. Likodi eno ekuwa ekifaananyi kya ssente mmeka z'oyina okufulumya mu maaso n'okumanya oba bizinensi yo eneekola amagoba.

### Ekitabo ky'ebigulibwa (purchase ledger)

| Ekintu ekiguliddwa | Ennaku z'omwezi | Obungi obuguliddwa | Ebbeeyi y'ekipimo | Ebbeeyi y'awamu |
|---|---|---|---|---|
| | | | | |
| | | | | |
| | | | | |
| | | | | |

## B. Ekitabo ky'abakozi/emirimo (labour ledger)

Ekitabo ky'abakozi/emirimo kiraga olukalala lw'abakozi bonna abapangisibwa, ennaku buli omu z'akoledde era ne ssente mmeka ze yasasulwa. Likodi eno ekuyamba okumanya ssente ezinaakozesebwa mu biseera ebijja, kiwa omuwendo gwa ssente z'osuubira okuyingiza n'okufulumya buli mwezi era ne kikuyamba okusalawo ku bakozi abaneetaagisa.

### Ekitabo ky'abakozi (labour ledger)

| Erinnya ly'omukozi | Ennaku z'akoledde | Ssente ezisasulwa buli ssaawa/lunaku | Omugatte gwa ssente ezisasulwa |
|---|---|---|---|
| | | | |
| | | | |
| | | | |

## C. Ekitabo ky'ettaka (land ledger)

Ekitabo ky'ettaka kiwandiikibwamu obugazi bw'ettaka eripangisiddwa n'ebbeeyi yaalyo. Likodi eno ekuyamba okutetenkanya ebbeeyi y'ettaka erinaakozesebwa mu biseera by'omu maaso era ne kikuwa n'emiwendo gya ssente eza buli mwezi z'osuubira okuyingiza n'okufulumya.

### Ekitabo ky'ettaka (land ledger)

| Erinnya lya nanyini ttaka (Land lord) | Obugazi bw'ettaka eripangisiddwa | Ebbeeyi ya buli yiika (acre) | Ssente zonna awamu |
|---|---|---|---|
| | | | |
| | | | |
| | | | |

## D. Ekitabo ky'entambula (transport ledger)

Ekitabo ky'entambula kiwandiikibwamu ssente ezeeyambisibwa okutuusa ensigo mu katale. Likodi eno ekuyamba okutegeera ekiseera ne ssente z'entambula ezinaakozesebwa mu biseera by'omu maaso.

### Ekitabo ky'entambula (transport ledger)

| Ekika ky'entambula | Ennaku z'omwezi | Obungi bw'ensigo mu kilo/nsawo | Ebbeeyi ya buli kilo/nsawo | Ebbeeyi yonna awamu | Ekifo gye bitwalibwa |
|---|---|---|---|---|---|
| | | | | | |
| | | | | | |
| | | | | | |

## E. Ekitabo kya kalonda/emisoso emirala gyonna (ledger for other costs)

Ekitabo kino kiyinza okuwandiikibwamu ssente ezipangisa ebyuma nga ttulakita, ssente ezisasula ettaka oba okuwandiikamu ssente z'osasudde mu mabanja. Omugaso omulala guyinza okuba ogw'okumanyisa mu bwangu ssente mmeka z'osasaanyizza ku bintu ebikozeseddwa ne ku bakozi mu kuzimba sitoowa y'ensigo.

### Ekitabo kya kalonda/emisoso emirala gyonna (ledger for other costs)

| Obungi obuguliddwa | Ekika | Ebbeeyi y'ekigulibwa | Omugatte gwa ssente |
|---|---|---|---|
| | | | |
| | | | |
| | | | |

**Akatundu 2:** Likodi mu katundu 2 aka likodi z'ebitabo byo kakwatagana n'obunene bwa sitooka (stock) n'ebitundibwa (inventory control and sales).

## A. Likodi z'okukuuma sitooka (inventory/stock control)

Likodi z'okukuuma sitooka (inventory/stock control) zikuyamba okulondoola obulungi obungi bw'ensigo eziriwo ezokutundibwa. Likodi eno ekumanyisiza ddala obudde bwonna obungi bwa buli kika kya nsigo bw'olinawo obw'okutunda. Amawulire gano gakuyamba okutegeera ssente mmeka z'onoofuna oba z'onoofiirwa okusinziira ku nsigo oba zitundiddwa oba nedda.

### Ekitabo kya sitooka (inventory/stock control)

| Ennaku z'omwezi | Obungi obuliwo | | | Ebbeeyi ya buli kipimo | | | Omugatte |
|---|---|---|---|---|---|---|---|
| | Ekika | Ekika | Ekika | Ekika | Ekika | Ekika | Ebbeeyi |
| | | | | | | | |
| | | | | | | | |
| | | | | | | | |
| | | | | | | | |
| | | | | | | | |

## B. Ekitabo ky'ebitundibwa (sales ledger)

Wandiika buli ky'otunda mu kitabo ky'ebitundibwa ng'olaga erinnya ly'omuguzi, olunaku lwewatundirako, obungi bwa buli kika kya nsigo ekitundiddwa, ssente eziguliddwa buli kika n'omugatte gwa ssente zonna awamu ezisasuddwa. Likodi ey'engeri eno ekuyamba okumanya ekika ky'abaguzi abagula

ensigo zo, mu bungi ki, bika ki ebisinga okwettanirwa, ne wa bakasitoma bo gye basangibwa.

**Ekitabo ky'ebitundibwa (sales ledger)**

| Erinnya ly'omuguzi | Ennaku z'omwezi | Obungi obuguliddwa | | | Ebbeeyi ya buli kipimo | | | Omugatte |
|---|---|---|---|---|---|---|---|---|
| | | Ekika | Ekika | Ekika | Ekika | Ekika | Ekika | |
| | | | | | | | | |
| | | | | | | | | |
| | | | | | | | | |
| | | | | | | | | |
| | | | | | | | | |
| | | | | | | | | |
| | | | | | | | | |

Okukuuma ebitabo kikuyamba mu kupulaaninga. Awatali nkuuma ya bitabo nnungi, bizinensi yo eyinza okugwa.

# ESSUULA 5: OKUMANYA AKATALE/ EBIFA KU KATALE

Waliwo ebintu ebikulu 7 by'olina okumanya singa oba oyagala bizinensi yo okukulaakulana n'okugaziwa:

- ✓ Manya bakasitoma kye baagala
- ✓ Okuyisa/okukwata bakasitoma obulungi
- ✓ Okuvuganya n'abalimi b'ensigo abalala
- ✓ Okuleetawo/okutondawo akatale
- ✓ Okusikiriza abaguzi
- ✓ Ensiba/ensabika
- ✓ Entambula



**Okukulaakulana kwa bizinensi kwetaagisa okukola ennyo**

## Manya bakasitoma bo

Ng'omulimi w'ensigo, osaana okulowooza ku bintu abalimi n'abatunzi b'ensigo bye bettanira. Wabula kirungi okujjukira nti abasuubuzi bakiikirira ekibinja ky'abantu eky'okusatu eky'abaguzi b'emmere ab'omubyalo ne mu bibuga. Bakasitoma bo abakulu abalimi n'abatunzi b'ensigo, batera okuba n'ebintu eby'enjawulo bye bettanira. Abalimi basinga kufa ku nkola yaakyo mu nnimiro, enfumba yaakyo, empooma n'ettunzi, Ate bo abatunzi b'ensigo basinga kufa ku mbeera y'ensigo ng'emaze okukungulwa. Okugeza enfumba yaakyo, empooma n'ettunzi. Abalimi ebiseera ebimu bayinza okwagala ebika ebitalina katale, naye ebika ebyettanirwa byonna eby'ekimera kyonna bijja kubeera birungi eri ayagala okulya n'okutunda.

Nga bakasitoma bwe bakyusa mu ngula nga wayise ebbanga, beera ng'okola okunoonyereza ku by'akatale oluvannyuma lw'emyaka esatu oba ena osobole okuba ng'omanya bulungi akatale bwe katambula. Manya ba kasitoma kiki kye beetaga, okyuse ekika ky'ensigo oba ebimera bwe kiba kyetaagisa.

## Enkwatamu ya bakasitoma

Engeri gy'okwatamu bakasitoma esobola okukuyamba okwongera ku bungi bw'ebitundibwa. Enkwatamu ennungi era eyomukwano ekuyamba okutunda ensigo. Mwenyaako bw'oba olamusa bakasitoma.



**Bakasitoma bo baweereze bulungi**

Beera mwetegefu okuddamu ebibuuzo bye bakubuuza ebikwat ku bika by'ensigo by'otunda. Manya obulungi n'obubi obwa buli kika era obeere mwetegefu okubwogerako. Beera mwetegefu okunyonnyola engeri gy'olimamu ensigo zo era lwaki zawukana ku nsigo endala ezabulijjo eziriwo.

Kasitoma bw'aba tamatidde, noonya ensonga lwaki. Mwetondere olw'ekizibu ekyo era ogezeeko okukinyonnyola. Ensigo zennyini bwezibaako ekizibu, lowooza ku ky'okumwongeza ku nsigo ezobwereere. Etteeka ly'okutunda ligamba nti "kasitoma bulijjo ye mutuufu". Oyinza obuttakkiriziganya naye era nga ggwe mutuufu, naye jjukira nti mu kutunda ensigo zo, kasitoma gw'osooka okulowoozaako.

## Okukolagana/okuvuganya n'abatunzi b'ensigo abalala

Ensigo ezitundibwa abantu abalala ziyinza okukosa entambula ya bizinensi yo. N'olwekyo kikulu nnyo okutegeera obulungi abalimi b'ensigo abalala. Ojja kufuna okuvuganyizibwa kwa mirundi ebiri:

- ✓ Ensigo za bulijjo ezitundibwa mu butale ne mu maduuka. Kubimera ng'ebijanjaalo, ebitundibwa ng'ensigo ate era abantu bye balya.

- ✓ Ensigo ezirimibwa abakugu mu kulima; ng'ensigo eziyinza okulimwa kampuni y'ensigo oba abakugu mu kunoonyereza.


Ensigo ezirimibwa mu ngeri eya bulijjo ebiseera ebisinga zibeera ku bbeeyi ya wansi kubanga tezibaako nnima na ndabirira bya njawulo. Naye ate ebiseera ebisinga ensigo zino tezawukana nnyo mu ndabika n'ensigo z'olima mu ngeri ey'ekikugu. Bakasitoma bo bayinza obutategeera bulungi lwaki ensigo zo oziseera. N'olwekyo kikulu okutegeka/okuteekateka ensigo zo mu ngeri eraga obusukkulumu bwazo. Enkola emu eya kino ye y'okusiba/okusabika ensigo zo mu kintu. Enkola endala eyokulagamu omugaso gw'ensigo ennungi kwe kuzigezesa eri abalimi (laba mu katabo: **"Okuzaaza ensigo ye kijanjaalo (Producing Bean Seed)**"). Mu kugezesa omutindo gw'ensigo, ensigo ez'enjawulo (ensigo z'olima, ensigo okuva mu katale, ensigo entabiketabike) zisimbibwa okusobola okwetegereza enjawulo eriwo mu kumera. Okugezesa omutindo gw'ensigo kwandikoleddwa mu kitundu kyo buli omu w'asobolera okwetegereza entambula ya buli nsigo n'ebivaamu (okugeza ku luguudo oba ku kakubo abantu we bayitira).

Abakugu mu kulima ensigo batera kulima mu bungi era ekyo kiyinza okubayamba okukendeeza ebbeeyi kwe balimira. Naye jjukira nti kino tekitegeeza nti omutindo gw'ensigo zino gwe

gusinga. Singa abalimi bano bettanira okulima ebika ebimu, ojja kufuna omukisa okwettanira okulima ebika ebirala. Ebiseera ebimu, ebibiina by'obwannakyewa (NGO's), abakugu mu kunnoonyereza n'ebibiina/ebitongole ebirala biyinza okugoba ensigo z'ebika ebipya ku bwereere. Enkola eno ejja kugayaaza abantu okugula ensigo zo. Bw'omanya embeera eno, tegeeza ebibiina ebikola kino emirimo n'ebigendererwa byo era ogezeeko okubiwaliriza okurekera awo omuze guno ogw'okugabira abantu ensigo ez'obwereeere.

## Okwongera ku bwetaavu bw'ensigo

Ku bimera bingi ng'ebijanjaalo, soya oba ebinyoobwa, abalimi bwe bagula ensigo omulundi ogusooka, basimba ezo okumalira ddala sizoni eziwerako era bayinza obutagula nnyo nsigo ndala. Kino kitegeeza nti oluvannyuma lw'ekiseera, obwetaavu bw'ensigo z'olima bulabika okukendeera naddala singa abalimi abasinga bakugulako lwa kufuna bika bipya. Ekifaananyi ekiragiddwa wansi kiraga okugulibwa okw'ebika by'ensigo z'ebimera ebipya ng'ebijanjaalo mu bitundu ebimu.




**Ekifaananyi ekiraga ng'akatale k'ekika ky'ensigo ekipya bwe kayinza okugwa nga wayise ekiseera**

Okwongera ku katale k'ensigo oteekwa okumanya obulungi ensonga lwaki abalimi bagula ku ggwe ensigo. Ezimu ku nsonga ezabulijjo ze zino:

- ✓ Okufuna ensigo ez'ekika ekipya
- ✓ Okufuna ensigo kubanga abalimi balidde oba batunze ensigo zaabwe zonna
- ✓ Okufuna ensigo ennungi ez'embala
- ✓ Okwongera ku nsigo okubunyisa ennimiro egaziyiziddwa.

Singa ensonga enkulu ekuguzisaako ensigo beera kwagala kufuna kika kipya, kijja kukwetaagisa okulowooza ennyo ku ngeri y'okugaziyamu oba okwongeramu amaanyi mu katale k'ensigo zo nga wayise ekiseera. Gano wansi ge gamu ku makubo agokwongera amaanyi mu katale.

***Gaziya akatale ko:*** Wadde nga kyangu okutunda ensigo mu kyalo kyo, akatale kano kayinza okuba akatono ennyo okusobozesa bizinensi yo okukulaakulana n'okukola ssente. N'olwekyo kijja kukwetaagisa okunoonya akatale mu bifo ebirala. Ng'onoonya obutale obuli mu bifo ebyewala, lowooza ku bintu ki abalimi bye bettanira, ne ssente z'entambula era ne ssente ez'emisoso emirala gyonna egikwatagana n'akatale ak'ewala. Kikulu nnyo okulima ng'olina akatale ke weekakasa: kyalo, muluka, disitulikiti oba kasingawo obunene?

***Noonya bakasitoma abapya:*** Tomala gatunda nsigo zo mu balimi. Abasuubuzi, amasomero n'ebibiina by'enkulaakulana okugeza ebyobwannakyewa (NGO's) biyinza okuba nabyo nga byetaaga okugula ensigo zo. Abaguzi abamu ku bano bagula mu bungi era bayinza okwekwata ensigo zo nga tonnaba na kuzikungula.

***Weenyigiremu mu kusikiriza abaguzi b'ensigo zo:*** Laba omuko ogwe 63 okumanya ebisingawo.

***Kyusa ebika buli kiseera:*** By'otunda okugwa akatale kayinza okuba akabonero akakutegeeza nti weetaaga okuleeta ekika ekipya. Tuukirira abakugu mu kunoonyereza n'abalimisa okumanya ebika ebipya era n'okufuna ensigo. Ng'ofunye ensigo, tandika na kugezesa kika ekyo ng'okisimba mu kalimiro katono okulaba enkola yaakyo nga tonnasalawo kukirima mu bungi. Ng'oleese ekika ekipya, kikulu okulaga era n'okutegeeza bakasitoma bo lwaki ekika kino kyawufu era n'ebipya oba ebirungi bye kirina. Buuza bakasitoma abalima ekika ekipya bakubuulire ebirowoozo byabwe ku kika kino. Amawulire gano gajja kukuyamba okusalawo ku bungi bw'ekika kino ekipya bw'onoolima mu sizoni eddako.

***Kendeeza ku bbeeyi gy'otundirako:*** Omuwendo gw'otundirako bwe gubeera waggulu ennyo, ojja kutunda ensigo ntono n'olwekyo tojja kukola magoba gagya mu bizinensi yo. Bw'oba okisobola tunda ensigo ku bbeeyi eya wansi kikusobozese okwongera ku katale naddala oluvannyuma lw'omwaka 1-2 egisooka. Wabula ebbeeyi eyo eteekwa kubeera ng'esobola okuggyayo ssente ezikozesebwa mu kulima.

## Ensabika/ensiba (packaging)

Ensabika ennungi n'okulamba obulungi kyamugaso ku bika by'ebimera ebimu nga ebijanjaalo kubanga kiraga omutindo gw'ensigo era ne kikirabisa nga za njawulo okuva ku nsigo eziva awalala.

Okusiba kiyamba bakasitoma okutwala ensigo mu ngeri ennyangu. Ku bimera ng'ebijanjaalo, pulasitiika/akaveera akatangaala ke kasinga okubeera ekisabikibwamu ekirungi kubanga kiyamba bakasitoma okulaba kiki kye bagula.

Pulasitiika oba obuveera obw'enjawulo gye buli wadde nga buyinza okuba obuzibu okufuna mu byalo. Oyinza era okussa ensigo mu busawo bw'empapula. Kiyinza okukendeeeza ku ssente z'ebikozesebwa mu kusabikamu ensigo singa oba obiguze mu bungi naddala nga bitundibwa mu bibuga ebinene oba mu matawuni yokka. Bw'oba tosobola kufuna bisabikibwamu bya pulasitiika/oba buveera oba bya mpapula gezaako okwesalira amagezi okole ebisabika ebibyo. Ekyokulabirako, ekibiina ekimu kyakola obusawo obutono okuva mu bipapula bya seminti.




**Ensiba ennungi eyamba okutunda ensigo**

Lowooza ku kusabika/kukusiba mu bipimo eby'enjawulo okusinziira ku mawulire agava mu kunoonyereza ku katale. Era lowooza ku bintu ng'embala, abalimi kye bettanira n'ebbeeyi ng'osabika/ng'osiba ensigo zo. Ekyokulabirako, ebijanjaalo ebiranda, ebibala ennyo, bisobola okusibibwa mu bipimo bitonotono. Oyinza okusalawo okusiba ensigo empya oba ezitayaayanirwa mu bipimo ebitono ddala nga kwota kilo

($\frac{1}{4}$ kg). Ekika ky'ekintu ekisibibwamu nakyo kisalawo ku bungi bw'ensigo z'onoteeka mu kipimo.

Ensawo ezomutindo ogwa wansi oba pulasitiika zisobolwa kukozesebwa ku bipimo ebitonotono.

Buli kipimo kyandibaddeko akawandiko akalambe, ku nsawo, ku pulasitika, ku kaveera kwe nnyini oba nga kaawuddwa. Obulambe bwandibaddeko bino: Erinnya n'endagiriro y'omulimi, erinnya ly'ekika n'ebimu ku bikikwatako, obungi, okulabula nti ensigo zirimu eddagala n'ebimu ku binyonnyola ekika ky'ensigo.

## Okusikiriza abaguzi

Okusikiriza abaguzi kikulu mu kugaziya akatale k'ensigo zo. Waliwo amakubo mangi ag'enjawulo mw'oyinza okusikiririza abaguzi b'ensigo zo. Ebyokulabirako bye bino:

✓ Singa ekibiina kiba kirima ensigo, muzannye omuzannyo okutegeeza abantu omugaso gw'okugula ensigo ez'ekika ekirungi. Omuzannyo muguzannye mu kiseera abantu abangi mwe banaagulabira era ne mu kifo ekyanguyira abantu okugendamu.

✓ Noonya ebifo ebipya ew'okutunda n'okwoleseza ensigo zo. Ekyokulabirako, tunda ensigo mu butale, mu masomero agalina ennimiro, mu bibiina ebiyamba abalimi ne mu maduuka agatunda ebyobulimi. Wabula kikulu okumanya nti bw'otunda ensigo zo ng'oyita mu bantu abalala, bajja kuzigulira ku bbeeyi ya wansi.


✓ Yogera eri abayizi ku bikwatagana n'ensigo era otegeke enkyala/ennambula z'abayizi ku nnimiro yo. Abayizi batera okubuulira bazadde babwe bye balabye.

- ✓ Tuukirira nannyini dduuka ku ky’okukukkiriza okutimba akapande ku dduuka lye era oba kisoboka okugenda n’oyogera ne bakasitoma ku bikwata ku nsigo.

- ✓ Weereza/sindika amabaluwa n’ebirango eby’enjawulo mu bitongole bya gavumenti n’ebibiina by’obwannakyewa ng’obabuulira ku bika ebipya n’emiwendo gyabyo.

- ✓ Kola ebipande okulanga ensigo zo.


- ✓ Sikiriza abaguzi b’ensigo zo ku myoleso gy’obulimi.



**Weeyambise amakubo ag’enjawulo okusikiriza abaguzi b’ensigo zo**

## Entambula

Entambula etwala ssente nnyingi naye ate eyinza okuleeta amagoba mangi singa ensigo zibeera zirina akatale kanene mu kitundu ky'eggwanga ekirala. Ekifo awali akatale ko kye kisalawo ekika ky'entambula kye weetaaga. Singa oba ensigo zo ozitunda mu kyalo kyo, entambula tekijja kukubeerera kizibu. Wabula kijja kukwetaagisa entambula ey'ekidduka singa ensigo oba ozitunda wabweru w'ekitundu ekitono. Ekika ky'entambula ky'oneetaaga kijja era kusinziira ku kiki ekiriwo, ebbeeyi n'obungi bw'ensigo ez'okutambuza.




**Okuzuula entambula kiyinza okwetaagisa era kiyinza okuvaamu amagoba amayitirivu**

Ekibiina oba abantu ssekinnoomu abakolera awamu bandirowoozezza ku ky'okwegattira awamu ne bapangisa loole oba Ppikaapu kubanga kibeera kya bbeeyi ntonotono okutambuza ensigo ennyingi. Engeri emu ey'okukendeeza ku ssente ezikozesebwa, ye y'okutwalira ensigo mu mmotoka emu n'ebintu ebirala. Balirira ssente zonna eziyinza okwetaagisa era ozigatte mu pulaani ya bizinensi yo. Kakasa nti ekika ky'entambula kyonna ky'okozesa kiziyiza enkuba, omusana n'embeera endala yonna eyinza okwonoona ensigo.

# ESSUULA 6: OKUGAZIYA N'OKUTEREEZA BIZINENSI YO

Okutuuka ku buwanguzi, bizinensi erina okugaziwa/okukulaakulana buli kiseera. Kino kitegeeza nti erina okwongera ku magoba era n'okugaziwa.



**Bizinensi y'ensigo erina okukula ng'omuti bwe gukula, mpolampola naye nga erambulukuse bulungi**

Lowooza ku nsonga nnyingi enkulu n'ebibuuzo ebiwerako nga tonnasalawo kugaziya bizinensi yo.

✓ Obusobozi bwa bizinensi yo okukola amagoba: Oyongedde ku by'otunda n'okufuna amagoba waakiri mu bbanga ery'emyaka ebiri?

- ✓ Enkyukakyuka mu katale: Waliwo enkyukakyuka mu katale okusinziira ku kunoonyereza kwo kw'okoze okufa ku katale?

- ✓ Ensigo empya: Osobola okufuna ebika by'ensigo ebipya ebyagalibwa/ebiyayaanirwa abalimi, abasuubuzi n'abalyi?

- ✓ Ebikozesebwa/Ebyetaagisa: Lowooza nti wayinza okubaawo ensimbi ezeeyongeramu ng'otandika. Olina ssente ezimala okugaziya bizinensi yo? Olinawo ettaka eryokwongera okulimirako oba osobola okuligula oba okulipangisa ku muwendo ogusigala nga gukusobozesa okukola amagoba ku by'olima? Onoosobola okwewola ebbanja?

- ✓ Abakozi: Olina abakozi abamala okwongera okulima ensigo?

- ✓ Entambula: Ofunye entambula esobola okutambuza ensigo mu bungi ku bbeeyi gy'osobola?

Bw'oba osobola okuddamu nti yee ku bibuuzo 3 oba okusingawo ku biri waggulu, ekyo kiraga nti kati olina obusobozi okugaziya bizinensi yo.

## Okukola ekibiina ky'abalimi b'ensigo

Bizinensi y'ensigo yo bw'egenda egaziwa era n'abalimi abalala mu kitundu kyo nga bafuuse bakugu mu kulima ensigo, lowooza ku ky'okukola ekibiina ky'abalimi b'ensigo. Abantu nga beegattidde mu kibiina n'abalala abalina ebigendererwa bye bimu, baba n'amaanyi mangi era bayinza okutuuka ku buwanguzi bungi.



**Ekibiina ky’abalimi b’ensigo kiyamba abalimi b’ensigo ababulijjo okuddukanya obulungi bizinensi yaabwe**

Ekibiina ky’abalimi b’ensigo kisobola okukolera ku madaala ag’enjawulo. Ku kitundu, mu bitundu ebiwerako oba ku ddaala ly’ensi yonna. Omugaso gw’ekibiina ng’ekyo gwe guno:

✓ Kiyamba abalimi okumalawo ebizibu byabwe awamu

✓ Kituusa ebyetaago byabwe waggulu mu bobuyinza nga mu gavumenti. Ekyokulabirako, ekibiina kiyinza okussa amaanyi/okunyigiriza abakola ku gw’okunoonyereza mu ngeri ey’ekikugu okubeera nga bafulumya ebika by’ensigo ebipya buli kiseera

✓ Kisobozesa okufuna amawulire agakwatagana n’okulima ensigo, amagezi ag’ekikugu n’ebyeyambisibwa ng’ensigo

✓ Kiyamba bammemba okugula ebikozesebwa mu bungi ne kikendeeza ku ssente

- ✓ Kiyamba bammemba okufuna enkolagana n'abakugu mu kunoonyereza era n'abalimi b'ensigo abakugu mu bitundu by'eggwanga ebirala.

Engeri yokukolamu ekibiina kyabalimi b'ensigo erambikiddwa wano mubumpimpi. Oyinza okwongera okubuuza ebibiina by'obwannakyewa oba abalimisa ne bongera okukuwa amagezi ku kino.

## Engeri y'okukolamu ekibiina ky'abalimi b'ensigo

**Tegeka olukiiko:** Funa ebifa ku balimi b'ensigo abalala abali mu kitundu ng'otuukirira abalimisa, ebibiina eby'obwannakyewa (NGO's) n'ebibiina by'obulimi ebirala. Bwe kiba kisoboka tegeka okusisinkana abamu ku balimi mukubaganye ebirowoozo ku kirowoozo ky'okukola ekibiina ky'abalimi. Kikulu nnyo okumatiza abalimi b'ensigo abalala ku birungi ebiva mu kwegattira awamu ng'ekibiina nga tonatuuza lukiiko. Muyinza okusalawo okukola ekibiina nga kirima ekimera kimu oba okusingawo. Kino kijja kusinziira ku ngeri abalimi gye beetegeseemu n'omuwendo gw'abalimi ku buli kimera.

Yita olukiiko lw'abalimi b'ensigo abali mu kitundu kyo. Sindika/ weereza amabaluwa mu balimi b'ensigo abalala ng'obayita okujja mu lukiiko mukubaganye ebiroowozo ku kiroowozo ky'okukola ekibiina. Olukiiko lukolere mu kifo ekyanguyira abantu. Ng'olukiiko terunnatuula, funa empapula/ekitabo n'ekkalaamu ezokuwandiika ebiteeseddwa. Olukiiko lwandikubaganyizza birowoozo ku bintu ebyawamu byokka.

**Okutuuza olukiiko olusooka:** Funa omuntu akulire olukiiko (omuntu ono ayitibwa mukubiriza). Omulimo gw'omukubiriza kwe kutandika olukiiko era n'okukubiriza abantu okuwa ebirowoozo byabwe nga bwebaagala. Ng'olukiiko terunnatuula,

omukubiriza awandiike olukalala lw'ebintu/ebirowoozo ebinaakubaganyizibwako ebirowoozo. Mu kino mwandibaddemu bino:

✓ Okweyanjula kw'abakiise. Buli mukiise awa amawulire agakwatagana n'entandikwa ya bizinensi y'ensigo ye nga: ebimera by'alima, obungi bw'amakungula, obutale obuluubirirwa, engeri gyebaddukanyaamu bizinensi, ebirungi ebiva mu bizinensi ye, ebizibu by'asanzeemu n'entegeka z'omu maaso zalina.

✓ Okukubaganyiza awamu ebirowoozo ku bizibu ebyawamu abalimi b'ensigo bye basanga.

✓ Okukubanganya ebirowoozo ku ngeri bammemba gye baganyulwamu nga bali mu kibiina.

✓ Okukubaganya ebirowoozo ku biruubirirwa n'ebisuubirwa by'ekibiina. Kirungi okulambulula obulungi ebigendererwa by'ekibiina. Kiki abantu kye baagala okukola? Ebigendererwa byabwe basuubira kubituukiriza ddi era batya? Jjukira nti abantu batera okusuubira ekisukkiridde mu bbanga ettono ennyo. Bayinza okulowooza nti okwegattira mu kibiina ebizibu byabwe byonna bijja kumalibwawo mu bwangu ddala. Bammemba bayinza okuggwebwamu amaanyi era ekibiina ne kisasika. Omukubiriza alina okujjukiza abantu nti ebirungi ebiva mu kibiina bisobolwa kufunibwa oluvannyuma lw'okukola ennyo, okwefiiriza, n'okutunuulira/okuluubirira ebigendererwa ebituukikako.

✓ Balirira ssente ezikozesebwa n'ebirungi by'ekibiina. Bammemba basaanye okubalirira kineetagisa kyenkana wa okutandika ekibiina. Kino kiyinza okutwaliramu okuwaayo obudde okubeera mu nkiiko n'okutoola ku

ssente zo n'owaayo ziddukanye emirimo gy'ekibiina. Ebirungi ebirimu bisinga ebintu ebikozesebwa? Bammemba bonna bwe bakkiriza, kati genda ku ddaala eddala.

**Okutandika ekibiina ky'abalimi b'ensigo:** Ekibiina nga kimaze okulaba nti kijja kuganyulwa mu kwegattira mu kibiina, kati, mukubaganye ebirowoozo ku ngeri ekibiina gye kinaddukanyizibwamu.

***Amateeka:*** Mukubaganye ebirowoozo ku mateeka bammemba ge banaagobereranga nga basalawo, enkiiko banaazikolanga ddi era batya? Bakulembeze ba kika ki abanaabaako era banaalondebwa batya ne ssente z'obwammemba. Oluvannyuma amateeka gano gajja kugattibwa ku kiwandiiko kya ssemateeka w'ekibiina kwe kugamba ekiwandiiko ekirambika ebiruubirirwa n'amateeka g'ekibiina. Ssemateeka ajja kutangira obutategeeragana wakati mu bammemba b'ekibiina era ajja kulambika bulungi obuvunaanyizibwa bwa buli mmemba. Ssemateeka yandibaddemu ebiruubirirwa by'ekibiina, amateeka agafuga obwa mmemba, ennonda y'abakulembeze, enkiiko ezikolebwa era n'engeri ekibiina gye kineeyimirizaawo mu ngeri ya ssente.

***Obwa mmemba:*** Wandiika olukalala lw'abantu, ssekinnoomu n'ebibiina abaagala okwegattira mu kibiina. Abantu bajjukize nti obwammemba kitegeeza kubeera na buvunaanyizibwa na ddembe ly'obwamemba

***Obukulembeze:*** Ebibiina byetaaga abakulembeze n'okukulemberwa. Engeri ennyangu eyokukulemberamu ye y'okweyambisa akakiiko akafuzi (Management Committee) nga kalina Pulezidenti, Omuwandiisi n'Omuwanika abaddukanya ekibiina mu kiseera ekyo. Ebifo ebirala biyinza okwongerwako nga bwe kiba kyetaagisizza. Obukiiko obulala buyinza


okwongerwako okukola ku nsonga ez'enjawulo.

***Okukuuma ebitabo:*** Kikulu okukuuma ebitabo by'ebintu ebikubaganyizibwako ebiroowoozo n'ebisalibwawo mu buli lutuula. Musalewo ani anaakuuma ebitabo.

Ekibiina ky'abalimi b'ensigo kyandikulaakulanye mpolampola nga kigendera ku nkulaakulana ya bammemba bakyo abalimi b'ensigo.

# ESSUULA 7: OKUWUMBAWUMBA.

Waliwo ensonga nnyingi enkulu eziyamba obulimi bw'ensigo okufuuka bizinensi eya nnamaddala.



Weetaaga obukugu bwenyini, obumanyirivu n'ebikozesebwa okutandika bizinensi y'ensigo

1. Okukulaakulana mu bizinensi y'ensigo abalimi bateekwa okuba abakozi ennyo, beetegese bulungi, basobola okusalawo, era nga beetegefu okufiirwa, era nga bategeera bulungi ebya bizinensi era n'ebya ssente.



Londa bulungi ebimera n'ebika by'ensigo ng'osinziira ku bifa mu katale

2. Bizinensi y'ensigo esinga kukola bulungi ku bimera oba ebika by'ensigo ebirina akatale akanene ddala oba akamala obumazi. Noonyereza ebifa ku katale k'ensigo nga tonnatandika bizinensi ya nsigo era oddemu okunoonyereza wakiri buli luvannyuma lwa myaka 3 - 4 okwongera okutegeera obulungi biki bakasitoma bo bye baagala. Salawo bulungi ku bizinensi yo ng'osinziira ku mawulire amatuufu agakwatagana n'akatale k'oluubirira.




Kola amagoba okuva mu kutunda ensigo

3. Lima bulungi ensigo okusobola okukendeeza ku ssente ezikozesebwa n'okwongera ku magoba. Lima ensigo ezembala mu ttaka eggimu era olabirire bulungi ennimiro zo. Ensigo ziteeke ku bbeeyi ekusobozesa okufunako amagoba naye ate ng'esobolwa abalimi.



Sikiriza abaguzi b'ensigo zo

4. Gezaako okwongera ku bwetaavu bw'akatale k'ensigo ng'ogaziya akatale ko. Noonya bakasitoma abapya era okyusekyuse ebika nga bwekisoboka. Matiza bakasitoma ku bulungi n'obusukkulumu bw'ensigo ng'ozisiba era ng'ozissaako obulambe, baweereze bulungi era mu mukwano era n'okukuuma erinnya ery'okuba n'ensigo eziri ku mutindo.



Kuuma likodi z'ebitabo ennungi era osalewo ng'osinziira ku likodi zino

5. Pulaaninga bizinensi yo ng'okuuma ng'okuuma bulungi ebiwandiiko ku bitundiddwa, ku magoba, ku nnyimirira ya bizinensi yo n'engeri gy'osasaanyaamu ssente. Salawo ebyokukola ebituukikako ng'osinziira ku nnyingiza n'enfulumya y'omwezi



Gaziya bizinensi yo

6. Bizinensi entuufu ekula oluvannyuma lw’ekiseera. Enkola eyokuwagira ennima y’ensigo ennungi n’okusisinkana ebyetaago by’abalimi kwe kukola ekibiina ky’abalimi b’ensigo.

## EBIBUUZO EBINABEERA MU KUNOONYEREZA KU KATALE MU NGERI ETALI YA KIKUGU

**Ebibuuzo eri abalimi b’ensigo.**

Nsigo za bimera ki abalimi ze batera okuggwebwako?

Lwaki abalimi bafuna ebbula ly’ensigo? Ddi? Mirundi emeka?

Abalimi baggyawa ensigo singa ziba zibaweddeko?

Abalimi abamu bafuna ebbula ly’ensigo emirundi mingi okusinga abalala? Lwaki? Balimi ki?

Abalimi bagula ensigo zenkana wa buli sizoni?

Ensigo zenkana wa abalimi abagagga, abagaggagagga n’abaavu ze bagula?

Abalimi bamativu n’omutindo gw’ensigo ze bagula okuva awalala?

Waliwo abalimi abalala oba ebitongole mu kitundu kyo abalima ensigo ez'okutunda? Bameka? Be b'ani?

Bimera ki era bika ki bye balima?

Ensigo zaabwe ziri ku bbeeyi ki?

Bika ki ebisinga okulabika (eby'ebimera ebirondemu)?

Birungi na bibi ki ebya buli kika?

Byanguwa okulumbibwa ebiwuka n'endwadde?

Bibala bitya?

Waliwo obwetaavu bw'ensigo z'ebika bino bungi mu kyalo kino, mu byalo bino, mu Ggombolola oba mu Disitulikiti?

Waliwo ebika by'ensigo abalimi bye baagala naye ng'ensigo zaabyo nzibu okufuna?

Birungi na bibi ki ebya buli kika?

Byanguwa okulumbibwa ebiwuka n'endwadde?

Bibala bitya?

Waliwo obwetaavu bw'ensigo z'ebika bino bungi mu kyalo kino, mu byalo bino, mu Ggombolola oba mu Disitulikiti?

Bika bya bimera ki ebipya ebizze mu kitundu mu bbanga ery'emyaka 4 egiyise?

Bivudde wa?

Birungi na bibi ki ebya buli kika?

Byanguwa okulumbibwa ebiwuka n'endwadde?

Bibala bitya?

Waliwo obwetaavu bw'ensigo z'ebika bino bungi mu kyalo kino, mu byalo bino, mu Ggombolola oba mu Disitulikiti?

## Ebibuuzo eri abatunzi b'ensigo

Abalimi baagala okugula ensigo (buuza ku bimera ebyenjawulo)?

Lwaki/Lwaki nedda?

Bika ki by'otunda nga ensigo?

Bbeeyi ki esinga okubeera waggulu ne wansi ey'ensigo ey'ebika ebirondemu?

Bika ki by'otunda nga bya kulya?

Bbeeyi ki esinga okubeera waggulu ne wansi ey'ensigo ey'ebika ebirondemu?

Bungi ki obw'ensigo bw'otunda buli mwaka?

Obungi buno bukyukana butya mu sizoni oba buli mwaka?

Ensigo zo ozitunda wa?

Ani atera okugula ensigo zo?

Bakasitoma bo abasinga bava wa? (ba mu kitundu kyo oba bava mu Disitulikiti ndala?)

Ensigo zo ziri ku bbeeyi ki?
Ofuna magoba genkana wa mu kutunda ensigo?

Ensigo zitera okukuggwaako?

Osobola okuteebereza obwetaavu bw'ensigo mu katale k'otwalamu (ku buli kika)?

Bintu ki ebikulu abasuubuzi bye baagala ku bika by'ebimera by'otegeka okwazaamu?

Abasuubuzi ab'ebika eby'enjawulo balina ebintu eby'enjawulo bye baagala?

Waliwo abalimi oba ebitongole mu kitundu kyo ebirima ensigo ez'okutunda? Bameka?
Be b'ani?

Bimera ki era bika ki bye balima?

Ensigo zaabwe ziri ku bbeeyi ki?

Mu kitundu kyo mujjamu ensigo okuva mu bitundu by'eggwanga ebirala?

Ani azirima?

Ani azitunda?

Bimera ki era bika ki ebireetebwa?

Ensigo zino ziri ku bbeeyi ki?

Ensigo zino za mutindo ki (zaakakasibwa, nnongooseemu)?

Abalimi n'abatunzi b'ensigo abalala basikiriza batya bakasitoma?

**Ebibuuzo eri amasomero, ebibiina by'obwannakyewa (NGOs), pulojekiti z'enkulaakulana n'abalala**

Ekitongole kyamwe kigula ensigo?

Bimera ki era bika ki?

Ensigo muzikozesa ki?

Mutindo ki ogw'ensigo gwe mugula? (ezaakakasibwa, ennongooseemu)?

Ensigo ze mugula zenkana wa buli sizoni?

Ensigo muzigula ssente mmeka?

Olowooza ki ku mutindo gw'ensigo ze mugula?

Oli mumativu n'entegeka y'okufuna ensigo gye mulina?

Wandyagadde okulagiriza ensigo? Ku bimera ki? Bika ki?

Wandyagadde kulagiriza bungi bwa nsigo bwenkana wa?

**Ebibuuzo eri abakugu mu kunoonyereza n'abalimisa ebikwatagana ku mateeka g'ensigo n'enkola ya Gavumenti**

Wa we nnyinza okuggya ensigo ennungi ezokwazisaamu (laga ekimera)?

Kyetaagisa ssente mmeka?

Ensigo ennungi nnyangu okufuna?

Olowooza waliwo bwetaavu ki obw'ensigo ennungi eziri ku mutindo (laga ebimera
n'ebika)?

Waliwo obwetaavu bw'ensigo ennungi mu Miruka mu Magombolola oba mu Disitulikiti endala?

Bika ki ebipya ebiriwo kati ebisaanira ekitundu kino (laga ekimera)?

Ensigo zino empya ziri ku bwetaavu bwenkana wa? Osobola okuteebereza?

Bika bya nsigo ki ebikkirizibwa gavumenti ku bimera ebimu?

Mutindo gwa kika ki ogwetaagibwa ku buli kika kya nsigo?

Gavumenti erina mateeka ki agakwatagana n'okulima ensigo?

Bintu ki ebyetaagisa ku balimi b'ensigo abali ku mutindo omutonono?

Bizinensi  entono kyetaagisa okugiwandiisa?

**Engeri y'okutereezaamu amawulire agafa ku katale k'ekimera**

Akatale k'ensigo____________________ (Buli kimera kikoleko mu ngeri nga eno eragiddwa wammanga)

| | Waggulu | Wakati | Wansi | Ebirowoozo |
|---|---|---|---|---|
| Akatale k'ensigo akasuubirwa okuva mu balimi bonna awamu | | | | |
| Akatale k'ensigo akasuubirwa okuva mu balimi ab'ebika eby'enjawulo: Abagagga, abagaggagagga, abaavu, n'abaavu ennyo | | | | |
| Akatale akasuubirwa mu masomero | | | | |
| Akatale akasuubirwa mu bibiina ebyenkulaakulana | | | | |

## Engeri y’okutereezaamu amawulire agafa ku bbeeyi y’ensigo

| Ebika ebikulu ebyatundibwa | Amakubo agatunda buli kika | | Ebbeeyi mu budde bwokusiga | | Ebbeeyi mu makkati ga sizoni | | Ebbeeyi mu budde bw’amakungula | |
|---|---|---|---|---|---|---|---|---|
| | Eziriibwa | Ezisimbibwa | Eziriibwa | Ezisimbibwa | Eziriibwa | Ezisimbibwa | Eziriibwa | Ezisimbibwa |
| | | | | | | | | |
| | | | | | | | | |
| | | | | | | | | |
| | | | | | | | | |



## Engeri y’okutereezaamu amawulire agafa ku katale k’ebika by’ensigo ebiriwo

| Erinnya ly’ekika | Ensigo ezigulibwa abalimi mu sizoni | Akatale ku balimi abali mu bifo ebiruubirirwa (Kanene, kanenenene, katono) | Ensigo zirabika (yee, nedda) | Obungi obutundibwa abasuubuzi mu mwezi abaabuuzibwa | Obungi obwagulibwa amasomero mu sizoni | Obungi obwaguli ebibiina by’enkulakulana mu sizoni | Akatale akasuubirwa mu bifo ebiruubirirwa |
|---|---|---|---|---|---|---|---|
| | | | | | | | |
| | | | | | | | |
| | | | | | | | |
| | | | | | | | |

## Engeri y'okutereezaamu amawulire agafa ku bika by'ensigo ebipya

| Erinnya ly'ekika | Ebirungi byakyo | Ebibi byakyo | Akatale eri abalimi (kanene, kanenenene, katono) | Akatale eri amasomero (kanene, kanenenene, katono) | Akatale eri ebibiina by'enkulaakulana (kanene, kanenenene, katono) |
|---|---|---|---|---|---|
| | | | | | |
| | | | | | |
| | | | | | |
| | | | | | |

## Ebintu ebikozesebwa mu kulima ensigo z'ebijanjaalo ne lumonde

Wansi waliwo olukalala lw'ebintu ebikozesebwa/ebyetaagibwa mu kulima ebijanjaalo ne lumonde. Akabonero kano (*) kalaga ebintu by'otayinza kulekayo ng'otandika okulima. Ebintu ebirala oyinza okubigula nga bizinensi yo egenda egaziwa.

## Ebintu ebikozesebwa/ebyetaagibwa mu kulima ensigo z'ebinjanjaalo

Ensigo ennungi ezomutindo*
Ebigimusa
Eddagala ly'ebiwuka
Bbomba efuuyira eddagala
Obuveera obw'okwanikako ensigo
Akakungunta (Threshing rack)*
Kw'olondera ensigo (Platform Sorter)
Akuuma akakebera empeke (Sampling spear)*
Eppipa ey'okutabuliramu ensigo n'eddagala
Eddagala eryokuteeka mu nsigo*
Obuveera obw'okuterekamu n'okupakiramu ensigo ez'okutunda*
Obusawo obw'okusibamu ensigo
Minzaaani
Ekyuma ekyokuterekamu ensigo (Silo)
Ekifo awaterekebwa/sitoowa

## Ebyuma n'ebintu ebikozesebwa mu kulima ensigo za lumonde

Endokwa ennungi ezembala*
Ebigimusa
Eddagala ly'endwadde erifuuyirwa ku ndokwa (Fungicide)*

Eddagala erifuuyira ebiwuka
Bbomba efuuyira eddagala*
Obusawo obw'okusibamu lumonde*
Minzaani
Sitoowa eterekebwamu lumonde nga nyonjo bulungi*

## EKYOKULABIRAKO EKYA PULAANI YA BIZINENSI NGA BW'EBEERA

Quality Seed
P.O.Box 6000,
Mbale, Uganda
Essimu: 077 506263

**1. Ennyanjula**

Bizinensi empya egenda okulima n'okubunyisa ensigo ennungi eziri ku mutindo ez'ebijanjaalo ebirongooseemu n'ebyabulijjo

**A. Ebikwata ku bizinensi**

Erinnya: Quality Seed
Enkula: Bizinensi ya waka
Endagiriro: P.O. Box 6000, Mbale, Uganda
Ebikwata ku nnanyini: Ssegiriinya Paul (Maneja)
Mulimi, emyaka 20 egy'obumanyirivu mu kulima ebijanjaalo. Yatendekebwa ekitongole kya CIAT mu ssomo ly'okulima ensigo z'ebijanjaalo. Alina obumanyirivu mu kuddukanya Bbekeeri.

Muky. Rose T, mulimi, emyaka 15 egy'obumanyirivu mu kulima ebijanjaalo. Yatendekebwa ekitongole kya CIAT mu kulima ensigo z'ebijanjaalo. Alina obumanyirivu mu kuddukanya bizinensi y'enkoko.

Abakozi: Tujja kukozesa abakozi 2 ab'enkalakkalira n'abalala nga bwe kinaaba kyetaagisizza.

## B. Ekirime

Ensigo ennongooseemu ez'ebika by'ebijanjaalo ebiwerako omuli K132, K131, OBA1, Kahura

Okunnyonnyola ebika ebirimibwa kati:

K132: Ensigo nnene, kungulu ensigo myufu, kibala nnyo, kiwooma, kirina katale.Kifaanananana ng'ebijanjaalo ebya bulijjo

K132: Ensigo ntono, ya kitakataka, kibala nnyo, kiwooma, kigumira omusana, ensigo mpangaazi nnyo.

OBA 1: Ensigo nnene, ensigo myufu, kibala nnyo, kiwooma, kya ttunzi nnyo.

Kahura: Kika kiganzi nnyo ekyabulijjo, kya kitosi, ensigo nnene, kiwooma nnyo, kya ttunzi nnyo

Ensonga enkulu ezikwata ku kimera n'ebika ebirondebwa: Abalimi abasinga mu kitundu kino balima ebijanjaalo nga bya kutunda n'olwekyo basigazaawo ensigo ntono ddala. Ekivaamu, wabaawo obwetaavu bw'ensigo bungi ku bika by'ensigo byonna ez'abulijjo n'ennongooseemu. Abalimi beetegefu okugula ensigo ennungi ez'omulembe ku bbeeeyi ennene naddala ku bika by'ensigo ennongooseemu.

## C. Akatale

Luubirira akatale k'e Ggombolola X. Abalimi b'ebijanjaalo mu Ggombolola X bali (30%), Amasomero agalina ennimiro ennene (5%), ebibiina by'obwannakyewa (NGO's) (40%). Ekibiina kya Disitulikiti eky'abalimi (10%), Abatunda ebikozesebwa ng'ensigo (15%).

Obunene bw'amakungula: Bizinensi ejja kufulumya ttaani emu (kilo 1,000) y'ensigo buli sizoni.

Entunda/Ensasaanya: Ensigo zijja kuteekebwa mu buveera mu bipimo eby'enjawulo (kilo 1, 5, 10) era zitundibwe mu balimi butereevu ne ku masomero okuva ku mulimi, zijja kutundibwa nga ziyisibwa mu bibiina by'obwannakyewa (NGO's), mu batunzi b'ebikozesebwa, ne mu kibiina ky'abalimi ekya Disitulikiti. Obudde bw'okutundirako obukulu bwe budde obw'okusiga: Maaci ne Agusito.

## D. Ebyobugagga (resources)

Ettaka: Yiika 5 weeziri okulimibwako ensigo
Abakozi: Abakozi babiri (2) ab'enkalakkalira n'abalala nga bwe kinaaba kyetaagisizza be bajja okukozesebwa. Bajja kukola ku kulima ku makungula ne mu kutunda.

Enkuuma y'ebitabo: Ebitabo bijja kukuumibwa maneja.

<u>Ebikozesebwa:</u>
Ensigo
Ebigimusa
Eddagala erifuuyira ebiwuka
Bbomba efuuyira

Obuveera okwanikibwa ensigo
Akatandaalo okukubirwa ebijanjaalo (threshing rack)
Kw'olondera ensigo (Platform Sorter)
Akuuma akakebera empeke (Sampling spear)
Eppipa omuteekerwa eddagala mu nsigo
Eddagala eriteekebwa mu nsigo
Obuveera obw'okuterekamu n'okutambulizaamu ensigo ez'okutunda
Obusawo obw'okusibamu/okuteekebwamu ensigo
Minzaani
Sitoowa/Ekyagi

Empuliziganya: Ssimu y'ejja okweyambisibwa

Emitendera gy'enkulaakulana/okukulaakulana kwa bizinensi

Ekitundu 1. Okuteekateeka okulima
Ekitundu 2. Okulima
Ekitundu 3. Okugaziya/okukyusaamu

Ekitundu 1: Ssente z'obwannannyini ze z'okukozesa

<u>Ebirimu:</u>
Okunoonyereza ebifa ku katale
Okussaawo enkolagana n'abalimisa n'abakola ku gw'okunoonyereza
Okusalawo ku bika eby'okulima
Okusalawo ku bbeeyi
Okussaawo enkolagana n'ebibiina by'obwannakyewa (NGO's), ebibiina by'abalimi n'amasomero
Simba puloti y'ensigo okumala sizoni bbiri era otunde ensigo

Ekitundu 3: Oluvannyuma lw'emyaka 2-3.

Ekikolebwa:
Tandika okulima ebimera n'ebika ebipya.
Gula ebikozesebwa ebipya/ebinene.
Weewole ebbanja.
Gaziya akatale.

## OLULIMI LWA BIZINENSI

Ekyobugagga: Ekintu kyona ekivaamu ssente

Obungi: Ennamba oba omuwendo omunene

Amagezi ga bizinensi: Okutegera buli kalonda yenna akwatagana ku bizinensi n'engeri y'okubiddukanyaamu

Ensigo ezaakakasibwa: Ensigo ez'omutindo ezaalimibwa n'obwegendereza nga zilina ebisaanyizo abantu bye bagala. Amakampuni oba ebitongole ebinene bitera okufulumya ensigo zino ezaakakasibwa

Ssente ezikozesebwa mu kulima: Ssente zonna z'okozesa okufulumya ekimera

Akatale oba obwetaavu: Obwetaavu bw'ebyamaguzi oba emirimu eri abo abantu abeetegese okubisasulira

Okukaddiwa kw'ebikozesebwa: Okukendeera kw'ebikozesebwa buli mwaka nga kuva mu kubikozesa oba okukaddiwa

Ebikozesebwa ebiwangaazi: Ebintu ebikozesebwa ku bizinensi nga tebikyukakyuka nga biwangaala ebbanga erisukka ku sizoni emu. Ssente enyingi ezitandika zibeera zikozesebwa ku byuma ebiwangaazi, ebyagi, ebidduka n'okusasulira ssente z'amakampuni ze weewola

Ensigo ennongooseemu: Ensigo ez'omutindo ezirimiddwa mu magezi ag'ekikugu. Zino ze zimu ku bika by'ensigo gavumenti z'eyinza okukkiriza. Ebika ebirala z'ezo ensigo ezaakakasibwa n'ez'abalimi

Ebika ebirongooseemu: Ebika ebyazuulibwa abakugu mu kunoonyereza. Ebika bino bibala nnyo era bigumira endwadde n'ebiwuka okusinga ebika ebyabulijjo

Enteebereza y'ennyingiza ya ssente: Engeri y'okugeraageranyamu ssente ezinaayingizibwa ne z'onookozesa mu biseera by'omu maaso

Okunoonyereza okutali kwa kikugu: Engeri y'okunoonyerezaamu amawulire ng'obuuza ebibuuzo abantu abatonotono ababa bakiikiridde abantu abalala. Ebibuuzo ebinaabuuzibwa biwanddikibwa ku lupapula era n'omuntu abuuza n'awandiika ebiddiddwamu ku buli kibuuzo

Ebitundibwa: Ensigo ezitundibwa n'eziri mu byagi.
Leeja: Ekitabo eky'enjawulo omuwandiikibwa likodi za bizinensi.
Akatale aka bulijjo: Abantu b'omu kitundu kyo abanaagula ensigo zo

Ebika ebyabulijjo: Ebika abalimi bye babeera balima okumala ebbanga eddene

Okunoonyereza ku katale: Engeri etegekeddwa obulungi enoonyereza ku bika by'ensigo oba emirimu abantu bye beetaaga era baagala okugula, obungi bwe beetaaga era n'omuwendo gwe beetegese okukisasulira

Obuzito bwa bizinensi: Omuwendo gwa ssente oguli mu bizinensi yo. Kya mugaso okubalirira ssente eziri mu bizinensi yo buli luvannyuma lw'emyezi mukaaga

Amagoba: Ze ssente ezifikkawo oluvannyuma lw'okusasulira buli kalonda yenna akozeseddwa ku kintu

Ssente ez'amagoba: Omuwendo gwa ssente ogwongerebwa ku ssente ezaakozesebwa ku kintu ekitundibwa okusobola okuvaako amagoba.

Okusikiriza n'okulanga: Amakubo n'enkola ebyeyambisibwa abantu ba bizinensi okuwaliriza abalala okubagulako ebyamaguzi byabwe

Ensigo: Ekitundu ky'ekimera ekisimbibwa mu ttaka. Ku bimera ebimu nga lumonde ne muwogo, ensigo oba ekitundu ekisimbibwa kiba tekiriibwa

Ebbeeyi etundirwako: Gwe muwendo ebyamaguzi oba emirimo egikolebwa kwe bitundirwa

Ssente ezikozesebwa: Ze ssente ezeyambisibwa mu kulima ezikyukana buli kiseera era ziyitibwa ssente z'ebigwawo



Obutabo obuyamba abalimi b'ensigo abali ku mutindo omutonotono bwategekebwa ekitongole ky'ebyobulimi ekya International Centre for Tropical Agriculture (CIAT)

Ebisingawo tuukilira:

**CIAT COORDINATOR,**
**P.O. Box 6247, Kampala, UGANDA**

**Printed by Swift Commercial Establishment Ltd. Tel/Fax: 256-41-566650**